

Okulunganya Okufunze: Obusiraamu bw'Abatandika

Sirabaasi y'okusomesa mu kibiina
eri **Omusiraamu omupya**



مركز اصول
Osoul Center
www.osoulcenter.com



Okulunjanyanya Okufunze: Obusiraamu bw'Abatandika

Sirabaasi y'okusomesa mu kibiina eri Omusiraamu omupya

ح) جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالربوة ، 1447 هـ

أصول ، مركز

الوجيز: تعليم صفي للمسلم الجديد باللغة اللوغندية. / مركز
أصول - ط 1. - الرياض ، 1447 هـ

124 ص ؛ 21 x 29.7 سم

رقم الإيداع: 1447/6177
ردمك: 978-603-8545-10-2



- Ekitongole ky'ateeseteese n'okutonaatona [ekitabo] olululumya luno.
- Ekitongole kikkiriza okukuba [mu kyapa] olululumya [lw'ekitabo] luno, n'okukisaasaanya mu ngeri yonna, naye nga ensibuko yakyo erina okulagibwa, era tewayina kubaawo kukyusa mu bigambo.
- Mu mbeera y'okukuba [mu kyapa], ebigeri by'omutindo ebiteekebwawo ekitongole 'Usuul' biteekeddwa okulondoolwa.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

Ku lw'erinnya ly'Allah Omusaasizi ennyo
Ow'ekisa ekingi

Enyanjula

Amatendo amajjuvu ga Allah eyatulungamya eri obusiraamu, naatulaga amakubo g'emirembe, naatuma mu ffe asinga obulungi mu bitonde byonna, ebyengera n'emirembe bibeere ku yye mu bungi. Oluvannyuma: Kitusanyusa okubanjulira sirabaasi eno eyanjula eddiini entuufu (eddiini y'Obusiraamu), nga ennyonnyola obukulu bwaayo eri okumanya ne bikolwa; okubeera ekisumuluzo gyoli mu kumanya eddiini yo, n'okukuyamba mu kukola amateeka g'Obusiraamu. Sirabaasi eno elimu bino:

1. Okunnyonnyola mu bufunze eddiini y'Obusiraamu, n'emilamwa gyayo emikulu.
2. Okutunulila okubuna ku (Qur'an Entukuvu), n'okutaputa amakulu g'ezimu mu suura ennyimpi eza Qur'an.
3. Okunnyonyola mu bufunze mu mateeka g'ebikolwa eby'okusinza eby'eteeka.
4. Okunnyonyola mu bufunze mu mateeka g'ebyesimbi, ne nkolagana, n'empisa mu Busiraamu.

Yuniti zaayo zigabanyizibwamu okusenziira ku nteekateeka y'ebyenjigiriza nga emisomo gya buli yuniti gigabanyizibwa mu bbanga lya nnaku mukaaga, Wamu n'okusalawo ebbanga buli musomo lye linaamala. Sirabaasi eno era yakolebwa mu ngeri y'ebyenjigiriza nga mulimu ebibuuzo ebiyamba Omusiraamu omupya okukwata mu mutwe n'okutegeera obubaka obulimu, nga kwotadde n'ebibuuzo eby'okweepimamu ku nkomerero ya buli kitundu ky'ebyenjigirizaa omuyizi asobole okupima omutendera gwe ogw' okutegeera omusomo. Sirabaasi eno elimu ffoomu eziwerako ezigendereddwa mu okuyamba okutumbula enkola y'okusomesa Omusiraamu omupya n'okumuyamba okutegeera sirabaasi, nga bweli:

Langi eno eraga obukulu bw'obubaka buno, n'okuba nti kisoboka okubaawo ekibuuzo ekikwatagana nabwo ku nkomerero y'omusomo.

Kubaganya ebirowoozo



Akatabo kano karaga enyinyonyola y'ekigambo ekikozeseddwa mu kiwandiiko.



Akatundu kano karaga omulamwa gw'okukubaganyako ebirowoozo wakati w'omusomesa n'omuyizi, omulamwa gwakwo gugendereddwa okutumbula obusobozi bw'omuyizi obw'okulowooza.



Okusoma ebisingawo

Okumanya okw'omuwendo mu bwenyini bw'omulamwa g'omusomo nga gufulumizidwa ekitongole kya Markaz Usuul.



Kirimu ebibuuzo by'okutendeka ebyeesigamiziddwa ku kulowooza, oba okukwata mu mutwe.

**Mwaniriziddwa mu lugendo luno
olw'ebyenjigiriza olusanyusa**

Enteekateeka y'ebyenjigiriza

Olutuula	Ennyiriri	Ekiseela
Olunaku olusooka		
Olutuula olusooka	Enyanjula 1. Enyanjula n'okulabula 2. Ebibuuzo ebikwata ku kubeerawo: (Ffe baani? Tugenda wa?) 3. Ekyengeera ky'obulungamu	Eddakika 10
	Obusiraamu 1. Obusiraamu kye ki? 2. Lwaki nsiramuka? 3. Obusiraamu bw'ansi yonna 4. Obusiraamu butusonyiyisa ebibi ebyasooka 5. Obusiraamu y'eddiini eyasembayo 6. Obw'annabbi bwa Muhammad ebyengera n'emirembe bibeere ku yye 7. Omutindo gw'okusukkuluma mu Busiraamu 8. Okuyiga eddiini 9. Empagi z'Obusiraamu	Eddakika 30
	Nsiramuka ntya? 1. Okujulila okw'emirundi ebiri(shahadah) 2. Amakulu g' Okujulila okw'emirundi ebiri(shahadah) 3. Ebyetaago by'Okujulila okw'emirundi ebiri(shahadah)	Eddakika 20
Okuwummulamu		
Olutuulamu olw'okubiri	Butya bwe nfunna wudhu? (mu bikwolwa)	Eddakika 20
	Butya bwe nsaala? (mu bikwolwa)	Eddakika 20
	Okwaata mu mutwe Surat Al-Fatihah era n'okutegeera amakulu gaayo	Eddakika 20

Akatabo k'olunaku olusooka



Olutuula	Ennyiriri	Ekiseela
Olunako olw'okubiri		
Olutuula olusooka	Obukkiriza kye ki? Empagi z'obukkiriza: 1. Okukkiriza Allah. 2. Okukkiriza ba Malayika Be. 3. Okukkiriza Ebitabo Bye. 4. Okukkiriza Ababaka Be. 5. Okukkiriza Olunaku olw'enkomerero. 6. Okukkiriza okugera kw'Allah.	Eddakika 20
	Ebibala by'obukkiriza Qur'an Entukuvu: 1. Qur'an kye ki? 2. Qur'an mmere ya mwoyo n'obwoongo. 3. Qur'an ngeri ya bulamu. 4. Ebyafaayo bya Bannabbi mu Qur'an.	Eddakika 20
	Okwaata mu mutwe Surat Al-Ikhlās era n'okutegeera amakulu gaayo	Eddakika 20
Okuwummulamu		
Olutuulamu olw'okubiri	Okusinja: 1. Amakulu g'okusinja 2. Obukwakkulizo bw'okutuuka kw'okusinja 3. Emiteeko gy'okusinja	Eddakika 15
	Okwetukuza Emiteeko gy'okwetukuza: 1. Okwetukuza kw'omubiri: Ensibuko ku bintu bitukuvu, ebintu ebikyaaafu, okuggyawo obukyaafu, okumala ekyeetaago. 2. Okwetukuza kw'omwoyo: Okuggyawo ekizuusi, amazzi agakozesebwa okuggyawo ekizuusi.	Eddakika 45

Akatabo k'olunaku olw'okubiri



Olutuula	Ennyiriri	Ekiseela
Olunaku olw'okusatu		
Olutuula olusooka	Butya bwe nfunna Wudhu? (mu buwaandike) 1. Amakulu ga wudhu. 2. Butya bwe nfunna Wudhu? 3. Ebyonona Wudhu. 4. Ensonga ezireeta okufuna wudhu. 5. Okusiimuula ku sitokisi.	Eddakika 40
	Okwaata mu mutwe Surat Al-Falaq era n'okutegeera amakulu gaayo	Eddakika 20
Okuwummulamu		
Olutuulamu olw'okubiri	Butya bwenaaaba ghusul? 1. Amakulu g'okunaaba ghusul. 2. Butya bwetunaaba ghusul? 3. Ddi wekikakata okunaaba ghusul? 4. Ebigaanibwa okukola omuntu alina janaba 5. Tayammum.	Eddakika 20
	Okugenda mu nsonga n'oluvannyuma lw'okuzaala: 1. Ebika by'omusaayi oguva mu mukazi. 2. Amateeka agafuga okugenda mu nsonga z'ekikyala n'oluvannyuma lw'okuzaala.	Eddakika 20
	Okwaata mu mutwe Surat Al-Naas era n'okutegeera amakulu gaayo	Eddakika 20

Akatabo k'olunaku olw'okusatu



Olutuula	Ennyiriri	Ekiseela
Olunaku olw'okuna		
Olutuula olusooka	Okwaata mu mutwe Surat Al-Kaafuruun era n'okutegeera amakulu gaayo	Eddakika 20
	Butya bwe nsaala? (mu buwvandinke) 1. Esswala kye kiki? 2. Lwaki nssaala? 3. Ekifo ky'esswala. 4. Obulombolombo bw'esswala. 5. Esswala ettaano. 6. Butya bwe tusaala?	Eddakika 40
Okuwummulamu		
Olutuulamu olw'okubiri	Esswala: 1. Okujjuriliza engeri gy'ebasaalamu. 2. Esswala ye Juma.	Eddakika 60

Akatabo k'olunaku olw'okuna



Olutuula	Ennyiriri	Ekiseela
Olunaku olw'okuttano		
Olutuula olusooka	Okwaata mu mutwe Surat Al-Kauthar era n'okutegeera amakulu gaayo	Eddakika 20
	Zakah: 1. Zakah kye ki? 2. Lwaki tutoola zakah? 3. Tutoola tutya zakah?	Eddakika 20
	Okusiiba: 1. Okusiiba kye ki? 2. Lwaki tusiiba? 3. Ebintu ebitta ekisiibo. 4. Ani akikirizibwa okusiibulukuka mu mwezi gwa Ramadhan	Eddakika 20
	Hijja: 1. Hijja kye ki? 2. Lwaki tukola Hijja? 3. Hijja ekakata kwaani?	Eddakika 10
Okuwummulamu		
Olutuulamu olw'okubiri	Okwaata mu mutwe Surat Al-Aswr era n'okutegeera amakulu gaayo	Eddakika 20
	Ennyambala: 1. Ensibuko ku byambalo. 2. Engoye ezagaanibwa.	Eddakika 30
	Emmere n'eb yokunywa: 1. Ensibuko ku mmere n'eb yokunywa. 2. Emmere n'eb yokunywa ebyagaanibwa. 3. Bukwakkulizo ki obw'okusala ebisolo mu busiraamu? 4. Amateeka g'okusala ebisolo mu biriiro bye mmere (restaurant) n'amaduuka.	Eddakika 30

Akatabo k'olunaku olw'okutano



Olutuula	Ennyiriri	Ekiseela
Olunaku olw'omukaaga		
Olutuula olusooka	Enkolagana y'ebyensimbi: 1. Enkolagana y'ebyensimbi kye ki? 2. Ensibuko mu nkolagana y'ebyensimbi. 3. Enkolagana y'ebyensimbi eby'agaanibwa.	Eddakika 30
	Empisa: 1. Empisa mu Busiraamu. 2. Enkizo ey'empisa ennungi. 3. Ebifo by'empisa mu Busiraamu.	Eddakika 30
Okuwummulamu		
Olutuulamu olw'okubiri	Okuddiggana esuula ezakwatiddwa mu mutwe	Eddakika 30
	Okuddiggana butya bwe tufuna wudhu n'abutya bwe tusaala	Eddakika 30

Akatabo k'olunaku olw'omukaaga




Emilamwa gy'asirabaasi

Yuniti esooka

Eddiini y'Obusiraamu

- | | | |
|---|-------------------------------|----|
| 1 | Obusiraamu n'ebibuuzo ebinene | 16 |
| 2 | Obusiraamu kye ki? | 20 |
| 3 | Butya bw'ensiramuka? | 26 |
| 4 | Obukkiriza | 30 |



Yuniti ey'okubiri

Qur'an Entukuvu

- | | | |
|---|------------------------------|----|
| 1 | Manya ku Qur'an Entukuvu | 38 |
| 2 | Okuvvuunula Essuura ennyimpi | 44 |



Yuniti ey'okusatu

Okusinza

1	Okusinza	54
2	Okwetukuza	58
3	Wudhu	62
4	Okunaaba	68
5	Amateeka ageyawulide Omukyala Omusiraamu	72
6	Esswala	76
7	Zakah	84
8	Okusiiba	88
9	Hijja	92



Yuniti ey'okuna

Amateeka g'obusiraamu

1	Enyambala	100
2	Eby'okulya n'ebyookunywa	104
3	Enkolagana z'abantu mu by'enfuna	108
4	Empisa	112



The image shows a close-up of intricate wooden carvings from a mosque. Two vertical panels are the main focus, each featuring a large, rectangular section with Arabic calligraphy in a stylized script. Above and below these panels are smaller, equally detailed carvings of floral and geometric patterns. The wood is dark and polished, with the carvings creating a complex interplay of light and shadow. The background is dark and out of focus, emphasizing the detailed craftsmanship of the foreground elements.

Yuniti esooka

Eddiini y'Obusiraamu



Emisomo gya yuniti:

- 1 Obusiraamu n'ebibuuzo ebinene
- 2 Obusiraamu kye ki?
- 3 Butya bw'ensiramuka?
- 4 Obukkiriza





Omusomo ogusooka

Obusiraamu n'ebibuuzo ebinene

Okwanjula

Abantu balina ebibuuzo ebikwaata ku kubeerawo kwabwe, beebuza ku mazima g'ensonga yaabwe, ensibuko y'okujja kwabwe, ensonga lwaki bajja, n'ekigendererwa ekisembayo eky'ensonga yaabwe. Obusiraamu bwaddamu ebibuuzo bino n'eby'okuddamu ebimatiza:

Okweebuza okusooka

Ffe baani?

Obusiraamu bunnyonnyola omuntu ng'ekimu ku bitonde ebingi ebya Allah Omugulumivu. Yasukkulumya abantu okusinga ebitonde ebirala, era bingi ku byo yabifula ebimugondera okusobola okumuyamba okukola emirimu egyimwetaagisa okuva gy'ali mu bulamu bwe bwonna. Allah Omugulumivu Yagamba nti: (Mazima twawa abaana ba Adam ekitiibwa, netubawa kwe batambulira nga bali ku lukalu ne kunyanja, netubagabirira mu birungi, era netubasukkulumya olusukkulumya ku bingi mu ebyo bye twatonda). (Al-Isra': 70).

Allah Omugulumivu yakola mu muntu okufaanaagana ne:

- Bamalayika mu bulongoofu bwabwe n'okusinza kwabwe.
- Ne sitaani mu kwegaana n'obujeemu bwayo.
- N'ebisolo mu kwematiza kwabyo n'okwegomba n'obwaagazi bwabyo.

Yamufuula omwetegefu eri ekirungi n'okwetegekera ekibi, namuwa ebyawula wakati w'ebirungi ne bibi; gamba ng'obutonde n'amagezi.

Era yamufuula nga alina eddembe n'okw'elondelawo(wakati w'ekirungi n'ekibi, era wakubuzibwa ku kusalawo kwe n'ebikolwa bye.



Bamalayika: Bitonde mu bitonde bya Allah Omugulumivu. Allah Omugulumivu yabatonda okuva mu kitangala. Bamugondera era bafugibwa, baddu bakitiibwa, tebajeemera Allah mu ebyo by'aba balagidde era bakola bye babalagidde. Allah yekka y'amanyi omuwendo gwabwe.

Okwebuuza okw'okubiri

Twava wa era lwaki?

Obusiraamu bunnyonnyola nti ensibuko y'okutonda kw'omuntu eva mu bbumba, Allah mwe yatonda Adam, era ye Taata w'abantu bonna. Allah Omugulumivu yagamba nti: (Era mazima twatonda omuntu okuva mu bbumba) (Al-Mu'minun: 12). N'ekigendererwa ky'okutonda omuntu ono kwe kusinza Allah Omugulumivu, wamu nga Allah Talina bwetavu ku bitonde bye. Allah Omugulumivu Yagamba nti: (Era satonda majiini n'abantu okujjako okunsinza) (Adh-Dhariyat: 56). Waliwo ekigendererwa ekirala eky'okubiri, kwe kulaakulanya ensi eno nga tugitereeza, okugiteekamu obwenkanya muyyo, n'okubunyisa obulungi. Allah Omugulumivu yagamba nti: (ye yeeyabatandikawo ng'abaggya mu nsi, ate naabakwasa obuyinza okugikulaakulanya) (Hud: 61).

Adam

Allah yatubuulira mu Qur'an embooji y'okutonda kwe, n'engeri Sitaani gye yatandika okumubulankanya. Soma kutandikwa ya Surat Al-Baqarah, aya (30-39).

Kubaganya ebirowoozo

Geraageranya endowooza y'amakulu g'okubeerawo kwo nga tonnasiramuka n'oluvannyuma lw'okusiramuka:



Okwebuuza okw'okusatu

Tugenda wa?

Qur'an Entukuvu eraga nti buli muntu ajja kufa ave mu nsi eno, era n'okufa kwe, omutendera gw'okukola emirimu guggwaawo, era n'omutendera gw'okubalibwa n'okusasulwa ne gutandika. Allah Omugulumivu Yagamba nti: (Mazima ggwe (Nabbi Muhammad) ojja kufa era mazima ddala nabo baakufa- Oluvanyuma mazima mmwe (mwenna wamu) mugenda kuwozanganya ewa Mukama omulabirizi wa mmwe ku lunaku lw'enkomerero.) (Az-Zumar 30-31).

Omuntu bwafa agenda ku mutendera gw'agenda okubuuzibwa ku ddiini ye n'asasulwa olw'ebikolwa bye, Allah Omugulumivu Yagamba nti: (Buli muntu yenna wa kukomba ku kufa, era mazima ddala mugenda kusasulwa mu bujjuvu empeera zammwe ku lunaku lw'enkomerero oyo yenna aliwonyezebwa omuliro naayingizibwa e jjana aliba yeesiimye, obulamu bwensi tebuliimu kantu konna okugyako okweyagala okwokugayaaza.) (Al Imran: 185)

Olunaku lw'amazuukira bwe lunaatuuka, Allah Omugulumivu ajja kuzuukiza abafu mu ntaana zaabwe okubalibwa n'okusasulwa. Abantu abakkiriza bajja kusasulwa ejjana, n'abantu abatakkiriza bajja kusasulwa omuliro. Allah Omugulumivu Yagamba nti: (Bwekityo twakuweereza Qur'an nga eri mu luwarabu obe nga otiisa (nayo) maama w'ebibuga byonna (Makkah) n'abali mu bitundu ebikyetooolodde era otiise (abantu) olunaku lw'okukungaana olutaliimu kubuusabuusa, nga ekibinja kya kuyingira jjana ate ekibinja ekirala kya kuyingira muliro ogububuuka.) (Ash-Shura: 7).



Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Obusiraamu kwasukkulumya butya abantu okusinga ebitonde ebirala byonna?

2

Kigendererwa ki eky'okutonda omuntu?

3

Lwaki Qur'an yalaga mu bujjuvu emboozi y'entandikwa y'okutonda?

4

Omuntu bwafa agenda ku mutendera g'okubuuzibwa ku ddiini ye n'asasulwa olw'ebikolwa bye.

☐ Kituufu ☐ kifu

Ekigendererwa ky'okutonda omuntu kwe kulakulanya ensi n'okugirongoosa olw'okubeera ku yo.

☐ Kituufu ☐ kifu

5

Oluvannyuma lw'okusoma ku kunyonyola kw'Obusiraamu okw'okubeerawo kw'omuntu:

Nyonyola okusinziira bw'owulira nga okuzesa obutonde bwo obw'omunda n'okuwulira kw'omutima gwo.



**Omusomo
ogw'okubiri**

Obusiraamu kye ki?

Okwanjula

Obusiraamu: Ye ddiini Allah gye yasindika ne Muhammad ebyegera n'emirembe bibeere ku yye, nayo era eyongereza ku ebyo ababaka abaasooka bye baaleeta. Omusingi gwayo gwesigamye ku kuba nti Allah yekka asaanidde okuba nti asinzibwa, atalinaayo kintu kyonna kimugattibwako, era talina muyambi mu bwakabaka bwe, era talina mutabaganya wakati we n'abaddu be. Naye lwaki nfuuka Omusiraamu? Era ddini ya bantu bonna oba yeyawulidde Bawalabu? Nabbi waayo yaani? Era waliwo nnabbi omulala oluvannyuma lwe?

Lwaki nsiramuka?

Abantu abamu bayinza okwebuza nti: Lwaki nsiramuka?

Eky'okuddamu kiri nti: Nsaana okusiramuka olw'ensonga eziwerako, omuli:

Ekisooka: Eddiini y'Obusiraamu ye ddiini Allah gye yalondela abaddu be, era tewali ddiini ekkirizibwa kuva eri muntu yenna okuggyako yo. Allah Omugulumivu Yagamba nti: (Era oyo yenna ayagala ekirala ekitali Busiraamu ng'eddiini - tekijja kukkirizibwa okuva gy'ali, era ye, ku nkomerero, ajja kuba mu bafirwa) (Al Imran: 85).

Eky'okubiri: Eddiini y'obusiraamu ddiini ya bannabbi bonna, era eragira okukkiriza mu bannabbi bonna, era teyawula wakati waabwe. Allah Omugulumivu Yagamba nti: (Mwe abasiraamu) mugambe nti; tukkiriza Allah, n'ebiyassibwa gyetuli, n'ebiyassibwa ku Ibrahim, ne Ismail, ne Ishaak, ne Yakuubu n'eri bazzukulu baabwe. N'ebyo ebyaweebwa Musa ne Isa na byonna ebyaweebwa bannabbi abalala nga biva eri mukama Katonda omulezi waabwe era tetubaawulayawulamu era nga naffe twewaddeyo gyali) (Al-Baqarah:136). Nenjawulo wakati waba Nabbi, njawulo mumateeka agakwatagana kubikolwa byabagobelezi baabwe nga Allah Omugulumivu bwe Yagamba: (Buli bamu mu mmwe twabawa amateeka n'enkola) (Al Ma'edah 48).

Allah yateerawo buli kibiina amateeka agabalamula, n'ekkubo elibasembeza gya'ali, buli kibiina kilina amateeka ga'akyo, nga amateeka ago gabasanila, naye ate munzikiriza, enzikiriza yaba Nabbi eri emu. Oluvannyuma Allah yatuma Muhammad ebyengeraga n'emirembe bibeere ku yye nga yowenkomelelo muba Nabbi be n'ababaka be, era amateeka ge gegaasembayo, era tewali ddiini ekilizibwa kuva eri omuntu yenna okujjako yyo.

Eky'okusatu: Okuyingira Obusiraamu lye kkubo erituusa ku ssanyu ly'ensi n'okwesiima ku nkomerero. Tewali muntu yenna afunye omulanga gwa Nabbi Muhammad (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku yye) ajja kwesiima ku nkomerero okuggyako abo abamukkirizaamu era abamugoberera. Allah Omugulumivu Yagamba nti: *(Oyo yenna ayagala okweteerawo eddiini etali busiraamu tegenda kukkirizibwa okuva gyali, era nga yye ku lunaku lw'enkomerero agenda kubeera mubafaafaganirwa.)* (Al-Imran: 85) nga bwe kiri. Era Nabbi (okusaasira kwa Allah n'emirembe bibeere ku yye) yagamba nti: "Ku lw'oyo awanirinde omwoyo gwa Muhammad mumukono gwe, tewali muntu yenna ava mu kibiina kyange kino, oba Muyudaaya oba Mukristaayo, ampulira n'oluvannyuma n'afa nga takkiriza mu ekyo kye ntumiddwa nakyo, okuggyako ng'ali mu bagenda okuyingira omuliro." (Eyogerwa Muslim 153)

Eky'okuna: Obusiraamu buwa eby'okuddamu ebimatiza ku bibuuzo byange ebikulu: Lwaki najja mu nsi? Nva wa? Era ngenda wa oluvannyuma lw'okufa?

Eky'okutaano: Obusiraamu ddiini ekwatagana n'obutonde bw'omuntu, okutandikira ku ky'obugagga kyayo ekisinga obukulu, nga kwekwawula Allah Omugulumivu, n'okukuuma empisa zaayo ezilungamya eri empisa ennungi era entuufu.

Kubaganya ebirowoozo



Obusiraamu eddiini ya bannabbi bonna?

.....

.....

Mu by'eyawulidde obusiraamu:

Obusiraamu bwawulwa ku madiini amalala olw'engeri nnyingi, ezisinga okumanyika ku zo ze zino:

1 Obusiraamu ddiini ya nsi yonna

Obusiraamu si ddiini y'abawalabu, wabula y'eddiini Allah Omugulumivu gye yalonda eri abantu bonna. N'olwekyo, Allah Omugulumivu yagamba Omubaka we Muhammad, ebyegera n'emirembe bibeere ku yye nti: *(Tetwakutuma ggwe (Nabbi Muhammad) okugyako nga oli kya kusaabira eri ebitonde)* (Al-Anbiya: 107). Allah Omugulumivu yafuula Nabbi ebyegere n'emirembe bibeere ku yye, okusaasira eri abantu bonna, n'abalungamya mu kkubo ly'okukkiriza, era nafuula amateeka ge okuba eky'okusaasira eri abantu.

Omugaso

Obusiraamu busa ekitiibwa mu mpisa n'ennono z'abantu era tebubakaka kuzikyusa okuggyako nga zikontana nagamu ku mateeka n'enjigiriza z'Obusiraamu.





Ani Nabbi w'Obusiraamu?

Abasiraamu bakkiriza nti Muhammad ebyengera n'emirembe bibeere ku yye, y'owenkomerero mu Bannabbi, Allah bwe yamusindika eri abantu obakoowole okumusinza Ye yekka nga temugattako kisizimbwa kilala kyonna, era nti tewali nabbi oluvannyuma lwe. Allah Omugulumivu Yagamba nti: (Muhammad tabangako kitaawe w'omu ku basajja mu mmwe wabula (yye) Mubaka wa Allah, era ow'enkomerero wa ba Nabbi.) (Al-Ahzab: 40).

Okusoma Eddiini

- Kyateeka ku musiraamu okuyiga eddiini ye, asobole okusinza Omulezi we ku kumanya.
- Nabbi, emikisa gw'Allah n'emirembe bibeere ku yye, yakubiriza abantu okutegeera eddiini, yagamba nti: "yenna Allah gy'ayaggalizza oburungi, amuwa okutegeera eddiini." Yayogerwa Al-Bukhari (71).
- Nabbi ebyengera n'emirembe bibeere ku yye, yatutegeeza nti okunoonya okumanya kw'eddiini kkubo erigenda eri ejjana, n'agamba nti: "Oyo yenna anaakwata ekkubo ng'anoonya okumanya, Allah ajja kumwanguyiza ekkubo erigenda eri Jjana." Yayogerwa Muslim (2699).



Okusoma ebisingawo

Okumanya ebisingawo ku bulamu bwa Nabbi Muhammad ebyengera n'emirembe bibeere ku yye, soma ekitabo Muhammad Omubaka wa Allah, ekisangibwa mu dduuka lya Usuul mu nnimi z'ensi yonna eziwerako.



Sikaaninga bbaakoodi okuwanula ekitabo



Waliwo ebitabo bingi Omusiraamu mwayinza okuyigamu amateeka g'eddiini ye asobole okusinza Omulezi we kukumanya, era alina okunoonya obuyambi bw'abakugu okumulungamya okutuuka ku bitabo ebisinga obulungi.

Omutindo gw'obusukkurumu mu Busiraamu:


Allah Omugulumivu yakola omutindo ogw'obusukkurumu wakati w'abaddu be nga bukkiriza n'okutya Allah, Enjawulo eriwo wakati w'Abasiraamu eri ku buzinto bw'enzikikiriza yaabwe, so sindabika yaabwe, endyo zabwe, langi yaabwe oba obugagga bwabwe. Yagamba nti: (Abange mmwe abantu mazima ffe twabatonda nga tubaggya mu musajja n'omukazi, era ne tubafuula amawanga neebika mulyoke mumanyagane, mazima abasinga ekitiibwa ewa Allah yooyo abasinga okumutya (Allah), mazima Allah mumanyi nnyo amanyidde ddala ebintu okuva ku nsibuko yaabyo.) (Al Hujraat 13)

Nabbi ebyengera n'emirembe bibeere ku yye, yagamba nti: "Abange mmwe, Omulezi wammwe Ali Omu, ne kitammwe ali omu. Omuwalabu talina busukkulumu ku muntu atali Muwalabu, wadde omuntu atali Muwalabu talina busukkulumu bwonna ku Muwalabu, wadde omuntu omweru talina busukkulumu bwonna ku muntu omuddugavu, wadde omuddugavu talina busukkulumu bwonna ku muntu omweru, okuggyako olw'okutya Allah." Yayogerwa al-Bayhaqi mu Shu'ab al-Iman (4774).

Empagi z'Obusiraamu

Eddiini y'Obusiraamu ezimbidwa ku mpangi Taano:

Omusiraamu alina okusaala esswala ttaano buli lunaku, era okuzinnyonyola kujja wassi.





Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Oluvannyuma lw'okulaba akatambi(vidiyo) kano (Muslim's new life) (obulamu bw'Omusiraamu omupya), yogera ku bisinga okukusikiriza ku Busiraamu:



Sikaaninga
ku bbaakoodi
olabe akatambi
(vidiyo)

2

Biki ebikulu mu ddiini Omusiraamu by'alina okuyiga okusobola okusinza Allah Omugulumivu nga bwe yalagira?

3

Eddiini y'Obusiraamu erimu ebiragiro:

- ☐ Empisa
- ☐ Eby'okumanya
- ☐ Eby'enkola
- ☐ Byonna ebyo waggulu

Omuwendo gw'empagi z'Obusiraamu:

- ☐ 6
- ☐ 5
- ☐ 4
- ☐ 3

4

Oluvanyuma lw'obwangu bw'Allah eri omuddu okuyingira Obusiraamu, alina okuyiga emisingi gy'eddiini ejimusobozesa okusinza Allah.

- ☐ Kituufu
- ☐ Kifu



Omusomo gw'okusatu

Butya bw'ensiramuka?

Okwanjula

Ekimu ku biseera Omusiraamu omupya by'atayinza kwerabira kekaseera kalangirira okukyuka kwe eri Obusiraamu ng'atoola shahadah. N'okulangirira kuno, yarangirira mu maaso g'omuntu omulala yenna nti afuuse ekintu ekirala ekitali ekyo kyabadde, era nti okuva mu kaseera kano akutte emitendera gye, egyisooka okutuuka ku kumanya amazima n'okuganywerako. Mu musomo guno, tugenda kuyiga, shahadah n'amakulu gayo, n'ebyetaago byayo eri Omusiraamu.

Okujulila okw'emirundi ebiri (shahadah)


Yafuula Allah Omugulumivu ekisumuluzo ky'okuyingira mu Busiraamu okwoogera kw'okujulila okw'emirundi ebiri (shahadah), nga kwe kuno:

- Nkakasa nti teri asinzibwa mu butuufu okugyyako Allah
- era Nkakasa nti Muhammad Mubaka w'Allah

Amakulu gw' Okujulila okw'emirundi ebiri (shahadah)

Ekisooka: Amakulu g'okujulila nti tewali asinzibwamu okuggyako Allah (La ilaaha ila Allah):
kwe kakasa okunwyevu nti teri asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah yekka.

Okujulila kuno (shahadah) kulimu ebintu bibiri



Omusingi gw'eddiini y'Obusiraamu, nga eno y'eddiini ya bannabbi bonna, kwe kulinza Allah yekka n'obutakkiriza buli kimu ekisinziibwa nga Siyye. Yagamba nti: **(Era tetwatuma oluberyeberyelwo Mubaka yenna okugyako nga tumutumira obubaka nti tewali kisinziibwa kyonna (mu butuufu) okugyako nze (Allah) kale munsinze.)** (Al Ambiyah:25).

Tekkikirizibwa mu mbeera yonna okukkiriza obwakatonda mu kintu kyonna ekitali Allah Omugulumivu, era tekikirizibwa kusembera eri ekitali Allah Omugulumivu ng'oyita mu kika kyonna eky'okusinza.

Eky'okubiri: Amakulu g'okujulila nti Muhammad Mubaka wa Allah

Amakulu (Nkakasa nti Muhammad Mubaka wa Allah): kwe okukkiriza olukkiriza nti Muhammad, ebyengera n'emirembe bibeere ku yye, Mubaka wa Allah, era nti y'owenkomerero mu Bannabbi, era tewaliyo nnabbi oluvannyuma lwe, era nti obubaka bwe bwa bantu bonna. Yagamba Allah Omugulumivu: **(Musukkulumu oyo eyassa Qur'an ku mudduwe eyawula wakati w'amazima n'obulimba alyoke abeere omutiisa eri ebitonde.)** (Al Furqan: 1)



Okweegezesamu

Bw'omala okudda mu kitabo Muhammad Omubaka wa Allah, wandiika bino wammanga ebikwata ku Nabbi Muhammad, ebyengera n'emirembe bibeere ku yye:



Sikaaniga ku bbaakoodi okuwanula ekitabo



Erinnya lye:

Olunyiriri lwe:

Okuzaalibwa kwe:

Engeri gye yakuzibwamu:

Obw'annabbi bwe:

Okusenguka kwe:

Okufa kwe



Eby'etaagisa by'Okujulila okw'ebika ebibiri (shahadah):

Tekimala kwatula Shahadah yokka, naye kyetaagisa okumanya amakulu gaayo n'okukola eky'etaagisa. Okujulila (Tewali asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah) kwetaagisa okuwakanya buli kintu ekisinzibwa nga si Allah, n'okukkiriza Allah yekka nga Omulezi era Asinzibwa agwanidde okusinzibwa Yekka, n'okulongoosa mu kumusinza. Yagamba Allah Omugulumivu: **(oyo yenna awakanya Sitani nakkiriza Allah aba yeekutte ku muguwa omugumu ogutakutuka)** (Al Baqarah:256)

Okujulira (Muhammad Mubaka wa Allah) kyetaaga: okukkiriza ebyo by'eyatugamba, okugondera ebyo by'eyalagira n'okuleka ebyo bye yagaana, n'obutasinza Allah okuggyako nga tugoberera ebyo bye yaleeta.

Kubaganya ebirowoozo



Lwaki okujulila (Tewali asinzibwa mu butuufu okuggyako Allah) (shahadah) kwetaagisa okuwakanya mu buli kintu ekisinzibwa nga si Allah?

.....

.....

.....

.....

.....

.....



Gabana ne banno
ensonga lwaki abantu
abamu baagala
nnyo okuyiira ebika
by'ebisinzibwa n'okuyita
abantu okubisinza.

Emu ku nsonga z'obwongo Nabbi wa Allah, Ibrahim ebyegera n'emirembe bibeere ku yye, gye yakozesanga okusoomooza abantu be, kye kibuuza kye yababuza nti: **((Ibrahim) naagamba nti, musinza ebyo bye mubajja!)** [As-Saffat: 95]



Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Bw'oba okimanyi nti Allah ye Katonda w'ensi, olwo kino kimala okuyingira Obusiraamu:

☐ Kituufu ☐ kifu

Kimala okujulira nti Muhammad ebyengera n'emirembe bibeere ku yye, ye Mubaka wa Allah ate nga mukkiririzaamu nga simugondera:

☐ Kituufu ☐ kifu

2

Oluvannyuma lw'okulaba akatambi (vidiyo) eno (Who is Muhammad?), yogera ku bintu ebikulu eby'obuntu bwa Nabbi Muhammad, ebyegeera n'emirembe bibeere ku yye, era weekenneenye enkola abalabe b'Obusiraamu ze bakozesa okukyusakyusa ekifaananyi kye eky'ekitiibwa.



Sikaaninga ku bbaakoodi ogende ku mukutu gwa yintaneeti

3

Mu kubikkula kwo ku mukutu guno "Yesu mu Qur'an - <https://jesusandquran.com>" mwogere ku nkolagana wakati wa Nabbi Muhammad ne Nabbi Isa (Yesu), emirembe gibeere ku bo.



Sikaaninga ku bbaakoodi ogende ku mukutu gwa yintaneeti



Omusomo ogw'okuna

Obukkiriza

Okwanjula

Omusiraamu atera okuwulira emirembe n'obutebeenkevu nga asoma Qur'an oba nga asinza Allah Omugulumivu ng'ayita mu kussala oba ebikolwa ebirala eby'okusinza, n'empulira eno, esitula mu bantu abamu n'ebatuusa ku mitendera egy'okuntikko egy'essanyu n'obutebenkevu, kiva ku kukkiriza okuleetera Omusiraamu okuwaayo obulamu bwe bwonna eri Allah, ng'agoberera ebiragiro bye nga ayagala era ne yeewala ebikugira byeyagaana n'okugondera ddala n'obuwulize. Mu musomo guno, tujja kuyiga ku amakulu g'obukkiriza, empagi zaabwo, n'ebibala byabwo.

Obukkiriza kye kii?

Obukkiriza: kwe kukkiriza kw'omutima n'olulimi mu ebyo ebyava eri Allah, n'okugonda kw'omutima gy'ali olw'okwagala, essuubi n'okutya, n'ebikolwa by'ebitundu by'omubiri nga bikwatagana n'ekyo. Allah Omugulumivu yagamba nti: **(Abange mmwe abakiriza, mukkirize Allah n'Omubaka we n'Ekitabo kye yassa ku Mubaka we n'Ekitabo kye yassa edda. Era oyo yenna atakiriza Allah ne bamalayika be n'ebitabo bye n'ababaka be era olunaku olw'enkomerero mazima ddala mubuze olubula olw'ewala)** (An-Nisa': 136).

Kubaganya ebirowoozo



Njawulo ki eriwo wakati w'essuubi (mu Allah) n'okutya Allah?

Empagi z'obukkiriza



Obukkiriza bwesigamidde ku mpagi mukaaga, nga zino ze zino:


- 1 **Okukkiriza Allah:** Omusiraamu akkiriza mu kubeerawo kwa Allah Omugulumivu ne mumannya ge n'ebitendo bye, era nti ye Mulezi w'ensi ennene, kubanga ye Mutonzi waayo, Nnannyini buli kimu ekigirimu, Omuddukanya w'ensonga zaayo, n'Omugabilizi w'abaddu be. Akkiriza nti tewali asinzibwa yenna okuggyako Oyo (Allah) agwanidde okusinzibwa, era nti atendebwa n'ebitendo ebiggyuvu n'obituukirivu.
- 2 **Okukkiriza mu ba malayika:** Omusiraamu akkiriza mu kubeerawo kwa bamalayika ab'ekitiibwa, nti Allah Omugulumivu ye yabatonda, era nti basinza Allah Omugulumivu, era tebamujeemera mu by'abalagira okukola. Akkiriza mu bitendo bya bwe n'emirimu gya'bwe egyogeddwa mu Qur'an ne Sunnah.
- 3 **Okukkiriza mu bitabo ebyassibwa:** Omusiraamu akkiriza nti Allah yassa ku baddu be, okuva eriye kennyini ebitabo eri ababaka be, bye yassa okulungama abantu n'okubayigiriza ensonga z'eddiini yaabwe, omuli nti Allah Yassa Tawreeta eri Musa bin Imran, emirembe gibeere ku yye, Zabbuli eri Dawudi, emirembe gibeere ku yye, Enjiri eri Isa (Yesu) bin Maria emirembe gibeere ku bo, ne Qur'an eri Muhammad, emirembe gibeere ku yye, era nti Qur'an y'eseembayo ku bbyo era y'ebafuga.
- 4 **Okukkiriza mu Bannabbi emirembe gibeere ku bo:** Omusiraamu akkiriza nti Allah Omugulumivu yasindika ababaka eri abantu baabwe n'abawa ebyamagero ebikakasa obutuufu bwabwe; okuwa abakkiriza amawulire amalungi, okulabula abatakkiriza, n'okuyigiriza abantu baabwe ensonga z'eddiini yaabwe. Abo bebasindikibwa balina okugondera n'okubagoberera, era nti Muhammad emirembe n'emikisa bibeere ku yye, ye yasembayo era ow'enkomerero mu bo.
- 5 **Okukkiriza olunaku olw'enkomerero:** Omusiraamu akkiriza mu lunaku lw'enkomerero, era nti Allah ajja kuzuukiza abafu mu malaalo gaabwe ku lunaku olwo, era ajja kubavunaana olw'ebikolwa bya'bwe, era ajja kubasasula empeera. Abamu ku bo bajja kuyingira ejjana, n'abamu bajja kuyingira mu Ggeyeena.
- 6 **Okukkiriza okuggela kw'Allah:** Omusiraamu akkiriza nti buli kintu ekibaawo mu nsi eno, kirungi oba kibi, kibeera ku kiragiro kya Allah Omugulumivu, era Allah Omugulumivu akimanyi era yakiwandika ku Lubaawo olukuumibwa, era nti tewali kibeerawo mu nsi eno okuggyako Allah Omugulumivu by'ayagala.



Okugatta ku Allah:

Kwe kukkiriza obwakatonda mu kintu ekilala ekitali Allah Omugulumivu, oba okusembela gye'ekili okuyita mu ngeri yonna ey'okusinza. Kibi kinene era musango Munene, Allah gw'atajja kusonyiwa, nga bwe yagamba nti: (Mazima Allah tasonyiwa kumugattako kintu kirala asonyiwa ebirala ebitali ekyo kwoyo gwaba ayagadde, oyo yenna agatta ku Allah ekinti ekirala, mazima aba agunjizzaawo ekibi kinene nnyo.)





Ebibala by'obukkiriza

Obukkiriza bulina ebibala bingi, omuli:

- **Emirembe mu mutima:** Obukkiriza bufuula omwoyo gw'omukkiriza omutebenkevu, nga musiimu eri Allah n'okugera kwe, n'obutaty kintu kyonna okuggyako Allah.
- **Okumanya Allah Omugulumivu:** Omukkiriza amanya Omulezi we okumanya okwongela okumusembeza gy'ali, kale n'amanya amannya ge, ebitendo bye, n'ebikolwa bye.
- **Okugulumiza Allah:** Omukkiriza gy'akoma okumanya Omulezi we, gy'akoma okumugulumiza n'okumuwa ekitiibwa, gyakoma okumwagala n'okumusubiramu, era gy'akoma okumutya.
- **Okuwulira ekisa kya Allah ku baddu be:** Yabasindikira ababaka n'assa ebitabo basobole okulung'amizibwa mu ddiini entuufu.
- **Okwagala bamalayika:** olw'okusinza Allah n'okumugondera.
- **Okwagala ababaka:** Allah Omugulumivu yabalonda okutuusa obubaka bwe eri abantu.
- **Okunyinkira mu kusinza:** Omuntu gy'akoma okunyweza obukkiriza, gy'akoma okusinza.
- **Obulamu obulungi:** Omukkiriza aba mumativu n'ebyo Allah bye yamugabira, era akimanyi nti ebizibu byonna ebimutuukako mu nsi biba kugulumiza kifo kye (eri Allah) n'okumusonyiyisa ebibi bye. Era asubira essanyu Allah lye yategekera abakkiriza ku Lunaku lw'enkomerero.
- **Obutalimbibwa nsi:** Obulamu buno obw'ensi bwa kaseera buseera, era kkubo erigenda mu bulamu obutaggwaawo ku nkomerero.
- **Okubikkula eby'obulimba:** Obukkiriza bubikkula oby'obulimba ebyo ebingi era ne bubisazaamu.
- **Okuyingira ejjana:** Kye kifo eky'essanyu ery'olubeerera eritaggwaawo, era Allah yaliteekawo eri abakkiriza mu baddu be.



Akatabo kange

Wandiika ebimu ku bibala by'okukkiriza bye wawulira oluvannyuma lw'okusiramuka:

A large, lined area for writing, resembling a notepad or a page from a book, with a decorative torn edge at the bottom.



Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Amakulu g'okukkiriza mu Babaka kwe kukkiriza obw'annabbi bwa Muhammad, ebyengera n'emirembe bibeere ku yye yekka:



Kituufu



kifu

2

Oluvannyuma lw'okulaba akatambi kano (Who is Allah?), mwogere ku bukulu bw'omutonzi.



Sikaaninga
ku bbaakoodi
olabe akatambi
(vidiyo)

3

Laba akatambi kano (The Six fundamentals of faith) era oyogere ku bivaamu by'ofuna mu kukkiriza kwo mu buli emu ku mpagi omukaaga ez'okukkiriza.



Sikaaninga
ku bbaakoodi
olabe akatambi
(vidiyo)




Okwepimamu

	Ekigendererwa ky'ebyenjigiriza	Omutendera gw'okwepimamu			
		Nedda	Munafu	Mulungi	Mulungi nyo
1	Obadde omanyi eby'okuddamu mu bibuuzo ebikwata ku kubeerawo kw'omuntu?				
2	Osobola okunnyonnyola amakulu g'Obusiraamu mu ngeri ennyangu?				
3	Omanyi okuyingira Obusiraamu?				
4	Otegedde amakulu g'okujulizi okw'emirundi ebiri (shahadah)?				
5	Osobola okunnyonnyola ebyetaago by'okujulira okw'emirundi ebiri (shahadah)?				
6	Omanyi empagi z'obukkiriza?				
7	Osobola okunnyonnyola amakulu g'okukkiriza Allah?				
8	Osobola okunnyonnyola amakulu g'okukkiriza mu Bamalayika?				
9	Osobola okunnyonnyola amakulu g'okukkiriza mu Bitabo ebyassibwa?				
10	Osobola okunnyonnyola amakulu g'okukkiriza mu Babaka?				
11	Osobola okunnyonnyola amakulu g'okukkiriza mu Lunaku lw'enkomerero?				
12	Osobola okunnyonnyola amakulu g'okukkiriza Okugera kw'Allah?				
13	Omanyi okwatula k'okujulira okw'emirundi ebiri (shahadah)?				
14	Omanyi engeri Omusiraamu omupya gy'anywezaamu okukkiriza kwe?				
15	Owulira okwagala kw'Obusiraamu mu mutima gwo?				




Yuniti ey'okubiri

Qur'an Entukuvu



Emisomo gya yunitti:

- 1 Manya ku Qur'an Entukuvu
- 2 Okuvvuunula Essurah ennyimpi





Omusomo ogusooka

Manya ku Qur'an Entukuvu

Okwanjula

Allah bwe yatuma bannabbi okowoola abantu baabwe, yabawa ebyamagero ebimu mwe bayinza okuyita okukakasa amazima g'obw'annabbi bwabwe eri abantu baabwe. Kyokka ebyamagero bya bannabbi byaggwaawo ng'obulamu bwabwe buweddewo. Ate Omubaka w'Obusiraamu, ebyengera n'emirembe bibeere ku yye, Allah yakola ekyamagero kye ekisinga okweyoleka eri abantu be n'eri abantu bonna (Ekitabo kye eky'ekitiibwa), Allah kye yeeyama okukuuma oluvannyuma lw'okufa kwa Nabbi we, Allah asse omukisa kuye era amuwe emirembe. Mu ssomo lino, tugenda kuyiga ku bimu ku bilungi n'empisa za Qur'an.

Qur'an kye ki?

Qur'an Entukuvu bigambo bya Allah Omugulumivu kyeyassa ku mubaka we Muhammad, ebyengera n'emikisa bibeere ku ye, era kye kitabo kya Allah ekisembayo, era tewali kitabo kirala kiddirira.

Obulungi bw'okusoma Qur'an

- Nabbi eby'engera n'emirembe bibeere ku ye yagamba: (Buli asoma anyukkuta mu kitabo kya Allah afuna ekilungi, era buli kilungi kikubisibwamu emirundi kkumi. Sigamba nti 'Alif, Lam, Meem' nyukkuta, naye Alif nyukkuta, Lam nyukkuta, ne Mim nyukkuta.) Eyogerwa al-Tirmidhi mu Sunani ye (Namba. 2910).
- Nga erimu isnad ya saheeh. Nabbi ebyengera n'emirembe bibeere ku yye, yagamba: (Musome Qur'an, kubanga ejja kujja ku lunaku lw'enkomerero nga'ewolereza mikwano gy'ayo.) Yayogerwa Muslim mu Saheeh ye (Namba. 804).

Ebitabo ebyassibwa: bye bitabo Allah Omugulumivu bye yassa ku Bannabbi be. Omusiraamu akkiririza mu bitabo bino era nti byassibwa okuva eri Allah Omugulumivu, era nti Allah yayogera mu byo mu ngeri emusaanira, Mu bitabo bino mulimu: Zabbuli eyassibwa ku Dawudi emirembe gibeere ku ye; Tawreeti eyassibwa ku Musa emirembe gibeere ku ye; n'Enjiri eyassibwa ku Isa (Yesu) emirembe gibeere ku ye. Ebitabo bino bibadde bikyusibwakyusibwa era ne bikyusibwakyusibwa okumala emyaka gyonna.

Qur'an mmere ya mwoyo n'obwoongo:

Qur'an Entukuvu eyogera n' obwoongo n'omyoyo gy'abantu, ku muteendera gumu, nga eyogera n'obwoongo ng'eyita mu:

- Okwesembesa kw'obwoongo ku nsonga, Allah Omugulumivu yagamba nti: (Singa (ensi n'eggulu) byalimu ba katonda abalala atali Allah omu byombi byaliyoononese, (ekyo nno kikulagge) nti yasukkuluma Allah Omugulumivu omulabirizi wa Arishi kw'ebyo bye boogera.) (Al-Anbiya :22).
- Okowoola w'okukozesa obwoongo n'okulowooza ku bujulizi n'obukakafu, Allah Omugulumivu yagamba nti: (Bw'atyo Allah bw'abategeeza obubonero bwe musobole okulowooza) (Al-Baqarah: 219).
- Okuvvoola abo abatakozesa bwoongo bwabwe, wadde okulowooza nabwo, Allah Omugulumivu yagamba nti: (Oba olowooza nti abasinga obungi ku bo bawulira oba balowooza? Tebali okuggyako ng'ebisolo. Wabula, basinga kubula mu kkubo [Lyabwe].) (Al-Furqan: 44) nga bwe kiri.

Era ayogera ku myoyo gya'bwe n'enneewulira zaabwe ng'ayita mu:

- Okwogera ku nneewulira ey'ekisa, era ng'aziraga mu mbeera nnyingi, Allah Omugulumivu yagamba: (Naye mu bantu mulimu abaleka Allah, nebeeteerawo ebintu ebirala nebasinza ebyo, ne babyagala nga bwe baaliyagadde Allah. So nga bo abakkiriza baagala nnyo Allah waabwe (omu) (nga okwagala kwabwe kuli ku ye yekka.) (Al-Baqarah: 165).
- Okujjukiza enneewulira z'abantu n'okunnyonnyola ebirungi n'ebibi ebivaamu. Allah Omugulumivu yagamba nti: (Ojja kukirabira ddala nti abasinga okuba ab'obulabe eri abo abakkiriza be bayudaaya naabo abagatta ku Katonda ebintu ebirala era ojja kukirabira ddala nti abasinga okuba ab'omukwano ogw'okumpi eri abo abakkiriza beebo abagamba nti mazima ffe tuli ba Kristayo, ekyo nno lwakuba nti mazima ddala mu bo mulimu abayivu mu bye ddiini, na Basosorodoti era nalwakuba nti bo tebeekuluntaza.) (Al -Ma'ida: 82).
- Ekiragiro eky'okubeera omukkakkamu era ow'ekisa mu kukoowoola abantu eri Obusiraamu. Allah Omugulumivu yagamba nti: (Kowoola (abantu) okudda eri ekkubo lya Mukama omulabiriziwo nga okozesa amagezi n'okubuulirira okulungi,) (Al-Nahl: 125).
- Mulimu mu nnyiriri (aya) z'ebiragiro ezirina amakulu g'obukkiriza, Allah Omugulumivu yagamba nti: (ebyo byemwagala okukola so nno bwemwakolanga mu kusoka, Allah nabagonnomolako e kyengera (kyo bukkiriza) n'olwekyo muteekwa okwetegereza) (An-Nisa: 94).
- Ng'akozesa ebigambo ebikwaata ku myoyo n'okusiikuula enneewulira ez'amazima, Allah Omugulumivu yagamba nti: (Abaffe (mmwe) temwagala Allah kubasonyiwa) (An-Nur: 22).

Enjogera zombi, ez'obwoongo n'ez'omwoyo, ziyinza okugattibwa mu aya emu, ne bikubaganya ebirowoozo n'ebimatila, n'okusitula enneewulira mu kiseera kye kimu. Allah Omugulumivu yagamba nti: (Abange mmwe abantu mujjukire ekyengera kya Allah kye yabawa, abaffe waliyo omutonzi atali Allah abagabirira okuva waggulu ne mu nsi, tewali kisinziwa kyonna okugyako yye, olwo nno ate muwugulwa mutya!). (Fatir: 3).

Kubaganya ebirowoozo



Aya ki ze wasoma nga tonnasiramuka? Yakukwatako etya?

Qur'an yengeli y'obulamu:

Qur'an Entukuvu bye bigambo bya Mulezi w'Ensi, eyatonda abantu bonna, era y'abamanyi okusinga bwe beemanyi, era y'asinga okumanya ebibagassa n'ebibatuusaako obulabe. N'olwekyo, Allah Omugulumivu yafuula Qur'an - ekitabo eky'asembayo okukka - ekitabo eky'enkola eraga engeri y'obulamu eri abantu.

Kino kyeyolekera mu nsonga zino wammanga:

- **Obugazi bw'enzijanjabo yaayo:** Ejanjabo obulamu bw'omuntu mu mbela zaabwo essatu: ez'obuntu, ez'amaka, n'ez'ekifo we babeera.
- **Obujjuvu bw'emilamwa ggy'ayo:** ggy'izingiramu: enzikiriza, okusinza, empisa, enkolagana mu bantu n'eb'ensimbi, ensonga z'obwoongo, enneewulira, n'omubiri, enkolagana y'ensi yonna, emirembe n'entalo, n'ebirala.
- **Obwenkanya:** Kitabo ekiragira obwenkanya mu mbeera zonna, ne bwe kiba nga balabe, era nga kigaana obutali bwenkanya mu ngeri zaabwo zonna.



Qur'an Entukuvu eraga engeri y'obulamu bw'abaddu, n'ebannyonnyola eddembe lya'bwe n'emirimu gya'bwe, era n'ennyonnyola bye balina okukola, n'okukyukakyuka okunene okufuula amateeka gaayo amatuufu mu biseera byonna n'ebifo byonna



Omusiraamu alina okuba ng'ayagala nnyo okusoma Qur'an Entukuvu n'okuyiga amateeka gaayo.

Ebyafaayo bya Bannabbi mu Qur'an:

Qur'an Entukuvu ejjudde ebyafaayo bya bannabbi abaasooka n'abantu baabwe, okutandika ne Adam, n'okuyita mu Nuuwa, Hud, Salih, Shuaib, Ibrahim, Ismael, Isaaka, Yakobo, Musa, Yesu, emirembe gibeere ku bo, ne bannabbi abalala n'ababaka. Qur'an Entukuvu yayogera ku byafaayo bya bwe ku lw'ebigendererwa, omuli:

- Okutangaaza nti eddiini ya bannabbi bonna ddiini emu, nga yeesigamiziddwa ku kusinza Allah Omugulumivu yekka.
- Okugumya n'okunyweza Nabbi Muhammad, emirembe gibeere ku ye, nga ebyamutuukako bwe byatuuka ku bannabbi abaamusooka.
- Okugumya abakkiriza nga ekiyinda okubatuukako mu buzibu n'okubonaabona kyatuuka ku baddu ba Allah ab'ekitiibwa abaabasooka.
- Okuggyamu essomo ne bw'okweebulira, nga bwe bili ebyafaayo ebituufu era nga byaaliyo.



Okweegezesamu

Buli kimu ku bigambo bino wammanga kiteeke mu kasanduuko kaakyo akatuufu okusinzira ku kakwate kaakyo:

Ebigambo
by'Allah

Ewolereza
mikwano gy'ayo

Alagira ekisa
n'obukkakkamu
mu kwoola
abantu eri
Obusiraamu

Elagila okukozesa
obwoongo

Ekozeza
ebigambo
ebikwata ku
mmooyo

Ekitabo
ekyasembayo mu
bitabo by'assibwa

Yassibwa
ku Nabbi
Muhammad
ebyengera n'
emirembe
bibeere ku ye

Mu bitendo bya Qur'an:

Mu bilungi bya Qur'an:

Qur'an Entukuvu



Emiramwa emikulu egy'ajjanjajabibwa mu Qur'an Entukuvu:

- Okwogera ku bumu bwa Allah Omugulumivu n'okugaana okumugattako.
- Okwogera ku nsi n'obwengula, obukoledwa mu ngeri etuukiridde, nga bulaga Omutonzi waabwo, Omuyinza w'ebintu byonna era Omugulumivu.
- Ebyafaayo bya Qur'an, ebijjudde eby'okuyiga n'okwebulilila.
- Okwogera ku ntandikwa y'okutonda, okuzuukira kw'abaddu oluvannyuma lw'okufa, n'empeera yaabwe olw'ebikolwa by'abwe.
- Okusomesa n'okuteekawo amateeka eri abakiriza.



Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Qur'an Entukuvu eyogera n'obwoongo ng'eyita mu: kwesembesa kw'obwongo ku nsonga



Kituufu



kifu

2

Lwaki Allah yassa Qur'an?

3

Weetegereze omukutu guno "alnaba.ws" n'oluvannyuma oyogere ku bujulizi obumu obulaga obutuufu n'obwesigwa bwa Qur'an, ng'ojuliza ebimu ku bintu ebyamagero byayo.

4

Allah yassa Qur'an ku:



A) Bannabbi bonna.



B) Muhammad ebyengera n'emirembe bibeere ku yye.



**Omusomo
ogw'okubili**

Okuvvuunula Essuurah ennyimpi

Okwanjula

Surah Al-Fatihah etwalibwa nga esurah esinga obunene mu Qur'an, era Omubaka wa Allah ebyengera n'emirembe bibeere ku ye, yaggumiza obulungi bwayo n'obukulu bwayo mu hadith nnyingi, Ye surah buli musiraamu gy'alina okukwata mu mutwe. Kubanga ye suurah yokka gy'alina okusoma mu buli sswala, era mu musomo guno tujja kuyiga ku surah eno, tukwate aya zaayo mu mutwe, tuyige amakulu gaayo, era tuyige ne ku surah ennyimpi eziwerako eza Qur'an ezakunganya amakulu amanene.

Surah Al-Fatihah:


Amakulu ge Surah:

{Mu Linya Iya Allah, Omusaasizi, Owekisa ekingi}

Ntandika okusoma Qur'an mu linnya Iya Allah, nga nnoonya obuyambi bwe. (Allah) yasinzibwa mu butufu bw'okusinzibwa, amanyiddwa olw'okusaasira okw'awamu okubuna ebitonde byonna, era ye Musaasizi ennyo eri abaddu be abakkiriza n'okusaasira okw'enjawulo.

{Amatendo amajuvu ga Allah, Omulezi w'ebitonde byonna}

Okutendereza kwa Allah olw'ebitendo bye ebituukiridde, ne ku lwe byengera bye ku bitonde bye byonna, Ye yekka agwanidde okutenderezabwa mu ngeri zonna. Ye Mulezi w'ebitonde byonna, eyabitonda oluvannyuma lw'obutabaawo, y'avunaanyizibwa ku nsonga zaabyo, era atereza embeera zaabyo.



{Omusaasizi, Owekisa ekinji}

Omusaasizi: Atendebwa n'okusaasira okubuna ebitonde bye byonna, Owekisa Ekyinji: Atendebwa n'okusaasira okw'enjawulo eri abakkiriza mu bbo (abantu).



Omusaasizi ennyo:
Eri ebitonde bye byonna



Ekisa ekinji:
Ekeyawulide abakkiriza

{Omufuzi wo lunaku lw'enkomerero}

Omufuzi w'olunaku lw'amazuukira, olunaku lwokubalibwa kumilimu nokusasulwa kujo.

{Ggwe wekka gwe tusinza era Ggwe wekka gwe twesigamila}

Tusinza ggwe wekka, Omulezi waffe, era tunoonya obuyambi bwo wekka mu nsonga zaffe zonna, kubanga ensonga zonna ziri mu mumikono jo.

{Tulungamy'e ku kkubo eggolokofu}

Tulungamy'e eri ekkubo eggolokofu, era tukuume nga tuli banywevu okutuusa lwe tunaakusisinkana, nga lye Busiraamu, ekkubo eritangaavu eritutusa kukusimisa Allah, neli n'ejjanaa ye.

{Ekkubo ly'abo be Wagabilila ebyengera, eritali ly'abo be wasunguwalila oba ery'ababuze}
Lye kkubo ly'abo bewawa obulungamu mu bannabbi n'abagobezezi baabwe n'abo abaagoberera ekkubo lya'bwe, kubanga be bantu abali kubulungamu n'obutuukirivu. Era tweesambye ekkubo ly'abo bewanyigila, kubanga baamanya amazima naye nebatagakolerako, n'ekubo ly'abo ababuze abataalung'ama ku kkubo eggolokofu olw'obutamanya bwabwe.

Kubaganya ebirowoozo



Makubo agayinza okukuyamba okukwata Surat Al-Fatihah mu mutwe?

.....

.....

.....

.....

.....

Surah Al-Ikhlaas:

Amakulu ge Surah:

{Gamba nti, "Ye Allah, Ali Omu."}

Gamba, -Owange gwe Omubaka- eri oyo yena akubuuza ku kumunyonnyola ku mulezi wo nti: Ye Allah, Ali omu yekka mu bwakatonda bwe nemu bulabilizi, tewali katonda asinzibwa mbutufu bwakusinzibwa okuggyako Ye.

{Allah, ayeesigamilwa}


Ela ye Allah, Omujjuvu mubitendo bye, era yooyo, ebitoonde, gwebisaba okubimalila obwetavu bwabyo nawankubadde nga tabilinaamu bwetavu bwona.

{Tazaala, era teyazaalibwa.}

Ela ye Allah, atalina mwana, yade omulenzi oba omuwala, era talina muzadde Taata yade Maama.

{Era talina yenkana Naye n'omu}

Ela talina yade amufaanana mu bitonde bye, wadde mu bwenyini bwe, wadde mu mannya ge, wadde mu bitendo bye, wadde mu bikolwaa bye.



Surah Al-Falaq:

Amakulu ge Surah:

{Gamba nti: Nneekingiriza ne Mukama w'Obudde obw'omu matulutulu}


Gamba -Owange gwe Omubaka-: Nnoonya obuddukiro n'obukuumi eri Allah, Mukama w'Obudde obw'omu matulutulu, Ela nga kwekukya kw'obudde mubisera by'okumakya.

{Mu bubi bw'ebyo bye yatonda.}

Okuva mu bubi bw'ebitonde byonna bye yatonda, ebyo bye tulaba n'ebyo bye tatalaba.

{Ne mu bubi bw'ekiro nga kikutte.}

Era (ontaase) okuva mu bubi obw'ekiro bwe kijja n'ekizikiza kyakyo, n'obubi obukilimu n'ebikosa.



Al-Falaq:
Enkya y'obudde



Al-ghasaq:
Ekizikiza ky'ekiro

{Ne mu bubi bw'abakazi abalogo abasiba ebifundikwa}

Era (ontaase) okuva mu bubi bw'abasamize abafuuwa mubifundikwa byebasiba mu milimu je kyilogo.

{Era ne mu bubi bw'owensaalwa bwaba nga asaaliddwa}

Era (ontaase) okuva mu bubi bw'owensaalwa ayagala ekyengera kijjibwe kw'oyo gw'akwatidwa ensalwa, n'obulabe bumutuukeko.

Amakulu ge Surah:

Amakulu ge Surah:

{Gamba nti: Nneekingiriza ne katonda omulezi wa'abantu.}

Gamba –Owange gwe Omubaka:- Nnoonya obuddukiro era nywerera ku Allah, Omulezi w'abantu, oyo yekka asobola buli kimu.

{Omufuzi w'abantu}

Omufuzi w'abantu bonna, Oyo afuga ensonga zaabwe zonna.

{Asinzibwa abantu}

Katonda w'abantu bonna, Tewali katonda wa mazima asinzibwa okuggyako Ye.

{Okumponya mu bubi bw'omulabankanya sitaani}


Okuva eli obulabe bwa sitaani, oyo abulankanya mukiseela nga bagayaavu, nekyibalemesa ekyo muku jukila Allah.

{Oyo alabankanya (e mitima egiri) mu bifuba by'abantu.}

Oyo ateeka ebirowoozo ebibi mu mitima gy'abantu, n'azannyila ku n'eewulira zaabwe n'ebirowoozo bya'abwe.

{Okuva mu majiini n'abantu}

Okuva mu sitaani z'amajinni n'abantu.



Surah Al-Kaafiruun:

Amakulu ge Surah:

{Bagambe nti, abange mmwe abatakkiriza}

Gamba, -owange gwe omubaka-, eri abo abatakkiriza Allah n'omubaka we nti: Abange mwe abatakkiriza mu Allah.

{Sijja kusinza ebyo bye musinza.}

Sisinza ebyo bye musinza mu bakatonda ab'obulimba; ng'amasanamu n'ebirala.

{Wadde namwe temusinza oyo gwe nsinza}

Era namwe temusinza Katonda ow'amazima nze gwe nsinza, era yekka y'agwanidde okusinziwa.

{Era siri waakusinza ebyo bye musinza.}



Era siri waakusinza abo bakatonda ab'obulimba mwe be musinza.

{Era nammwe temuli baakusinza oyo gwensinza.}

Era namwe temusinza Katonda ow'amazima gwe nsinza, era ye yekka y'agwanidde okusinziwa.

{Mulina eddini yammwe, nange nnina Eddiini yange.}

Mulina eddini yammwe eyo gye munyeelelako, nange nina eddiini yange gye nnywererako.



Kubaganya ebirowoozo



Mulamwa ki o'gwo, ogwa teekebwako essira Surah Al-Ikhlās ne Surah Al-Kafiruun?

Surah Al-Kawthar:

Amakulu ge Surah:

{Mazima ffe twakuwa e birungi bingi,}


Mazima, twakuwa, ggwe omubaka, obulungi bungi obutapimibwa era obutaliiko kkomo mu nsi n'enkomerero, nga mw'otwalidde n'omugga Al-Kawthar mu Jjana.

{Kale saala ku lwa Mukama wo era osale n'ebisolo}

Kale esswalazo ne ssaddaaka zo zikole ku lwaa mulezi wo, era musinze yekka nga tomugattako kintu kilala kyonna, era sala ekisolo ku linnya Lye lyokka nga tolina ky'omugatako kyona, nga omwebaza olw'ebyo by'akuwadde mu by'amagelo n'ebilungi.

{Mazima omulabe wo akuwalagganya, (ng'akuvuma era n'okukujeeja) ye wenkuggu}

Mazima dala oyo akunyi'gila era n'akutamwa, naa tamwa nebyo bye wajja nabyo mu ddiini ey'amazima, ye munyomofu ow'awansi enyo, Oyo atagenda kujukilwa (oluvanyuma lw'okufaakwe) eyyamibwa ebirunji.



Shaniaka: Kitegeeza akunyiigila era nga akutamwa, naatamwa nebyo bye wajja nabyo mu diini eya mazima.

Surah Al-Asr:


Amakulu ge Surah:

{Ndayira omulembe}

Allah alayira omurembe n'ebiseera ebiberamu entambula zabaanaadamu, mu birungi n'ebibi.

{Mazima omuntu ali mu kufaafaaganirwa}

Mazima omuntu ali mu kufiirwa n'okuzikirizibwa.



{Okugyako abo abakkiriza ne bakola e mirimu emirungi, era ne balaamirigana a mazima era ne balaamiragana obugumiikiriza}

Okujjako abo abakkiriza Allah nebakola e mirimu emirungi, era nebabuuliriragana okwekwata ku mazima n'okuganywerera ko, n'okugumiikiriza kuggo.

Okwepimamu

	Ekgendererwa ky'ebyenjiriza	Omutendera gw'okwepimamu			
		Nedda	Munafu	Mulungi	Mulungi nyo
1	Osobola okunnyonnyola Qur'an kye ki?				
2	Osobola okulowooza ku nkolagana eriwo wakati wa Qur'an n'obulamu?				
3	Omanyi lwaki Allah yanyumya emboozi za bannabbi mu Qur'an?				
4	Otegedde amakulu ga Surah Al-Fatihah okutwaalira awamu?				
5	Otegedde amakulu ga Surah Al-Ikhlās okutwaalira awamu?				
6	Otegedde amakulu ga Surah Al-Falaq okutwaalira awamu?				
7	Otegedde amakulu ga Surah An-Nas okutwaalira awamu?				
8	Otegedde amakulu okutwaalira awamu aga Surah Al-Kafirun?				
9	Otegedde amakulu ga Surah Al-Kawthar okutwaalira awamu?				
10	Otegedde amakulu ga Surah Al-Asr okutwaalira awamu?				
11	Osobola okusoma Surah Al-Fatihah mu butuufu?				
12	Osobodde okukwata mu mutwe Surah Al-Fatihah?				
13	Osobola okusoma Surah Al-Ikhlās mu butuufu?				

	Ekigendererwa ky'ebyenjigiriza	Omutendera gw'okwepimamu			
		Nedda	Munafu	Mulungi	Mulungi nyo
14	Osobodde okukwata mu mutwe Surah Al-Ikhlās?				
15	Osobola okusoma Surah Al-Falaq mu butuufu?				
16	Osobodde okukwata mu mutwe Surah Al-Falaq?				
17	Wasobola okusoma Surah An-Nas mu butuufu?				
18	Wasobola okukwata mu mutwe Surah An-Nas?				
19	Osobola okusoma Surah Al-Kafirun mu butuufu?				
20	Osobola okukwata Surah Al-Kafirun mu mutwe?				
21	Osobola okusoma Surah Al-Kawthar mu butuufu?				
22	Osobola okukwata Surah Al-Kawthar mu mutwe?				
23	Osobola okusoma Surah Al-Asr mu butuufu?				
24	Osobola okukwata mu mutwe Surah Al-Asr?				
25	Otegedde amakulu ge suura z'osomye?				



Ekitundu eky'okusatu

Okusinza



Emisomo gya yunitti:

- | | |
|--|------------|
| 1 Okusinza | 6 Esswalah |
| 2 Okwetukuza | 7 Zakah |
| 3 Wudhu | 8 Okusiiba |
| 4 Okunaaba | 9 Hijja |
| 5 Amateeka ageyawulide Omukyala Omusiraamu | |





Omusomo
ogusooka

Okusinza

Okwanjula

Omusiraamu akola ebikolwa by'okusinza ebiwerako mu bulamu bwe okusobola okusembera eri Omutonzi we, era ebikolwa bino byonna eby'okusinza biba bya kugulumiza Allah n'okugondera ye yekka. Omutima gw'Omusiraamu je gukoma okugulumiza Allah, ebiva mu ekyo gye bikoma okw'eyoleka mu bikolwa bye eby'okusinza. Omusiraamu omutuufu y'oyo awaayo obulamu bwe bwonna, omuli emirimu, otulo, n'okusanyuka, eri Allah Owekyitibwa, ng'a oteeka munkola ekyigambo kya Allah: {Gamba nti, "Mazima Esswalah' yange, ssaddaaka yange, obulamu bwange, no'kufa kwange byona bya Allah, omulezi w'ensi. Talina munne. Kino nalagirwa, era nze asoose mu basiraamu."} (Al-An'am: 162-163). Mu musomo guno, tujja kuyiga ku makulu g'okusinza, ne'miteekwo jaakwo, obukwakkulizo bw'okukirizibwa kwa kwo (okusinza), na'amadaala ga'akwo.

Amakulu g'okusinza:

Okusinza: gy'emilimu Allah jeyalagila egisembeza Omusiraamu gya'ali. gyizingiramu ebikolwa byonna n'ebigambo Allah by'ayagala, oba nga byaalwatu, ng'okusinza nga tukozesa omubiri, Ekyokulabilako: ng'okusaala ne Hijja, oba ebyekwese (mutima), ng'okusinza okuba mutima, Ekyokulabilako: okwaagala, okutya, n'okusubira mu Allah, n'emilimu emilala egy'omutima. Omuddu yena asobola okukyusa emilimu gye ejaabulijo ne gifuuka egyo'okusinza olw'ekigendererwa ekirungi. Singa agenderera mu kulya, okunywa, n'okwebaka okufuna amaanyi okugondera Allah, afuna empela mw'ekyo.

Emiteeko gy'okusinza:

Okusinza kwawulwamu emiteeko:



Omusiraamu agyikola n'omutima gwe, gamba ng'okwagala, okutya, essuubi, n'obwetoowaze (eri Allah).



Omusiraamu agyikola n'omubiri gwe; Nga esswala, zakah, ne Hijja.



Omusiraamu asemblerera eri omulezi we nga aleka ebyo ebibyaziyibwa jaali. Ng'okwewala okunywa omwenge n'obwenzi, oba okwewala ebintu ebimu ebikkirizibwa mu biseera ebimu. Ng'okwewala okulya n'okunywa mukyiseela ky'okusiiiba.

Essuubi: Kwekusanyuka olwe ebilunji bya Allah, no'okululunkanila eri ekisa kye no'okugaba, ate ng'ofuba n'okussa obwesige obulungi mu Allah.

Obwetoowaze: y'embeera omwoyo mw'egubeera nga mukakkamu ate ng'ebirowoozo tebiwugulibwa mukisera nga otuukiriza ebikolwa by'okusinza, gamba ng'okussala, ekyo'kulabilako, era obuufu by'ekyo bulabika nyo mukutebenkela kwebiyungo.

Kabandabe: Ye Omusiraamu okola emilimu gy'okusinza nga agenderera abantu okumulaba ng'ajikola balyo'ke bamuwane nga bw'ajikola.

Obukwakkulizo obukkiririsa okusinza:

Okukirizibwa okusinza kulina obukwakkulizo bubiri:

Akasooka: Okola omulimu ku lwa Allah, kale Omusiraamu akola ekikolwa eky'okusinza nga asembela eli Allah yekka, awatali kumugattako kintu kilala kyona yade okkola kabandabe.

Eky'okubiri: Okutuukaana naamateeka ga Allah, kale Omusiraamu alina okola emilimu gyo'okusinza Allah Omugulumivu nga bwe yalagila, era nga Nabbi ebyengela nemilembe bibe kuye, bwe yajikola.

Kubaganya ebirowoozo



Akola kabandabe afirwa ki ng'alese okola kulwa Allah?



Emitendera gy'okusinza:

Ebikolwa by'okusinza birina emitendera egy'enjawulo:

- Ejimu kujoo. Jikakata eri buli Musiraamu, gamba ng'okusaala.
- Emirala jikakatako eri Abasiraamu abamu, gamba nga zakah, nga kiragiro eri abagagga so si eri baavu.
- Emirala miruunji okujikola (sunnah) naye nga sijateeka, gamba nga okusaba Allah ne Adhikaari ezisomebwa buli luvanyuma lwa Swalah.



Okweegezesaamu

Buli kimu ku bikolwa by'okusinza bino wammanga kiteeke mu kiti kyakyo ekikisaanira okusinziira ku ddaala lyakyo mu Busiraamu:

Esswala

Adhikaar z'oku makya

Okuyisa obulunji Abakadde

Hijja

Okusiiba Ramadhan

Zakah

Kikakata kubuli musiraamu:

Kikakata kuba siraamu abamu:

Kirungi naye si kyateeka:



Nga olaba akataambi kano: (why do I surrender to Allah) ekyitegeeza (Lwaki nneewaayo eri Allah?) Yogera ku bibala Omusiraamu by'afuna ng'assa essira ku kola Allah by'ayagala yekka n'okusimisa ye yekka mu bicolwa bye byonna.



Sikaaniga
ku bbaakoodi
olabe akatambi
(vidiyo)

Okukkiriza omulimu omurungi, guteekwa okuba nga agukoze kulwa Allah era nga gutuukanye na'mateeka ge.

☐ Kituufu ☐ Kifu



Omusomo ogw'okubiri

Okwanjula

Okwanjula

Obusiraamu bwakubiliza obuyonjo n'okwetukuza, era bwakkatiriza nyo eri Omusiraamu okufaayo enyo ku buyonjo bwe, era bwa'fula ensonga eno emu ku nsonga z'eddiini enkulu, era nebugatta emilimu egyisinga obunji okuba emituufu nga olina kumala kwetukuza, nga z'ezimu mu mpisa z'omukkiriza, ela nga ky'ekimu muby'enjawulo ebyawula Omusiraamu ku balala, era mu ssomo lino tugenda kuyiga ku makulu g'Okwetukuza, emiteeko jaakwo, n'ezimu ku namula ezikukwatako.

Amakulu g'okwetukuza:

Okwetukuza

Okusiinza Allah

Kwekukola omulimu gwona nga ogendelelamu kugondela Allah n'okusembela gy'ali.

Okujawo Ekizuusi

Ekizuusi nnyonyola ya mateeka ku buli kintu ekibeerawo ku bitundu by'omubiri era nga kyijibwawo nakwetukuza.

N'okuggyawo obukyaafu

Bye bintu ebikyaafu Sharia bye yalagira okubye tukuzako n'okubijjawo. Ng'omusulo n'empitambi.

Okusoma ebisingawo



Okumanya ebisingawo ku mateeka g'okwetukuza, soma ekitabo okwetukuza mubusilamu, ekisangibwa mu dduuka lya Usool mu nnimi z'ensi yonna eziwerako.



Sikaananga bbaakoodi okuwanula ekitabo

Emiteeko gyo'kwetukuza

Okwetukuza Kwawulwamu Emiteeko Ebiri:

Okwetukuza okwo mubiri

Kwekuno: Okuggyawo obukyaafu n'okuyonja ekitundu kyabwo. N'okuggyawo ensonga eziremesa omuntu okusaala; Kino kikolebwa na kunaaba ebitundu by'omubiri ebimu, oba okunaaba omubiri gwonna.



Ekitegeezebwa mu wudhu: okunaaba ebitundu by'omubiri ebimu n'amazzi

Okutukuza kw'omwoyo

Kwekuno: Okutukuza omutima ogujamu obushiriku, enge n'obukyayi eri abaddu baa Allah abakiriza, n'endwadde endala ez'omutima, era kikulu nnyo ng'a okutukuza kw'omubiri. Mazima ddala okutukuza okutuufu okw'omubiri tekuyinza kutuukirizibwa mu kubeerawo kw'obukyaafu bw'obushirk. Yagamba Allah: {mazima abagatta ku Katonda e bintu e birala bajama} [At-Tawbah: 28].



Ekitegeezebwa Ghusul: okunaaba omubiri gwonna n'amazzi

Okwetukuza kw'omubili kubaawo nakufuna Wudhu oba okunaaba Ghusul



Mukwetukuza tukozeza amazzi agatukuza. Ng'amazzi g'ennyanja, amazzi g'omugga, amazzi g'oluzzi oba amazzi amalala agatatabuddwamu bukyaafu.



Kubaganya ebirowoozo



Essira okuteekebwa ku bwetaavu bw'okwetukuza bw'Omusiraamu n'okukuuma obuyonjo bw'omuntu kulaga ki?



Londa eky'okuddamu ekituufu:

1

Okwetukuza kitegeeza:

- ☐ A. Okujjawo ekizuusi.
- ☐ B. Okujjawo obukyaafu.
- ☐ C. Byonna ebyo waggulu.

2

Okunaaba omubiri gwonna n'amazzi kiyitibwa:

- ☐ A. Wudhu.
- ☐ B. Ghusulu.
- ☐ C. Tayammum.

3

Okutwalira awamu waliwo ebika bibiri eby'okwetukuza:

- ☐ A. Okwetukuza okw'omubili n'okwetukuza kw'omutima.
- ☐ B. Wudhu ne tayammum.
- ☐ C. Wudhu ne ghusul.



Omusomo ogw'okusatu

Wudhu

Okwanjula

Wudhu nkulunyo mubusiraamu olwokuba nti elina akakwate kaamanyi n'empajji enkulu mubusiramu. Nabwekityo kukubilizibwa eri buli omusiaramu okuyiga okujifuna n'okujitukiliza mumakubo amatufu. Musomo lino tugenda kuyiga amakulu ga wudhu, n'ebitukakatisaako okujifuna, ne bijoonona, n'engeli entufu bwetujifunamu.

Amakulu ga wudhu:

Okufuna wudhu (kiteegeza): okunaaba mu maaso, emikono, n'ebigere, n'okusiimuula omutwe mu ngeri eyeetongodde.

Ebitukakatisaako okufuna wudhu:

Ebitukakatisaako okufuna wudhu bye bintu nga kaloombo lombo (bwoba tonabikola okusoka) okufuna wudhu, era ekakata (Wudhu) kulwabyo. Omuntu bw'agwaako (Wudhu) bimugaanibwa obbikola, era bye bino:

Hadath (Ekizuusi): Kitendo kyamunda ku muntu ekimulemesa okusaala nga tana tukula, era si kintu ekikwatibwako ng'obukyaafu, Kilimu ebika bibiri, ekimu ku byo kyetaagisa Omusiraamu okufuna wudhu asobole okukijawo, n'ekyika ekirala tebijjibwawo okuggyako nakunaaba ghusul.



1 Okusaala



2 Okwetoolola Kaaba



3 Okwaata ku Qur'an

Tufuna tutya wudhu?

Omusiraamu bw'aba ayagala okufuna wudhu, alina okugobeleda emitendera gino:

1

Amalilila okufuna wudhu mu mutima gwe era na'gamba nti: "Nsoose okusoma elinya Lya Allah"



2



Anaaba engalo ze n'amazzi, ng'atandikira ku ddyo.

3



Ayonja akamwaa ke ng'ateekamu amazzi, n'akayimunguza, oluvannyuma n'agafujja, Ekyo kye bayita okuyimunguza mukamwa.

4



Ayonja ennyindo ze ng'ayingizaamu amazzi nga bw'afeesafesa, oluvannyuma n'agafulumya ng'afuwa empewo okuva mu nnyindo ye.

5



Anaaba mukyenikye kyonna, ensalosalo (Zekyenyi) mu buwanvu okuva ku layini y'enviiri waggulu mu kyenyi okutuuka wansi mu kalevu, wamu n'enviiri z'ekirevu bwe zibaawo, n'ensalosalo (Zekyenyi) mu bugazi okuva ku kutu okutuuka ku kutu.

6



Anaaba emikono je okuva ku nwe z'engalo okutuuka ku kiyungo ky'enkokola, ng'atandikira ku mukono gwe ogwa ddyo.

7



Okufukirira emikono gye n'amazzi, olwo n'asiimuula omutwe gwe, ng'atandikira mu maaso g'omutwe okutuuka emabega w'omutwe, oluvannyuma n'azza emikono gye mu maaso.

8



Asiimuula amatu ge n'engalo ze munda mu matu, n'asiimuula emabega w'amatu n'engalo ze ensajja.

9




Anaaba ebigerere okutuuka ku bukongovule, nga ge magumba abbiri agalabika mu kiyungo ky'ebigerere, ng'atandikira ku kigere kye ekya ddyo.

Sunnah mu kufuna wudhu kwe kunaaba buli kiyungo emirundi esatu, okujjako okusiimuula mu mutwe n'amatu omulundi gumu gwoka, Ela kikkirizibwa okunaaza buli kiyungo omulundi gumu, kasita onaaza buli kiyungo ne kibuna amazzi.

Wudhu effa kasta ekimu kubino ebina kibaawo:

- Okuva ekintu mu limu ku makubo abbiri; Ng’empewo, omusulo, empitaambi, enkwaaso oba obunnyogovu obuwerekera okubutuka kw’obwagazi.
- Okuvaawo kw’amagezi nga mu tulo oba okutamiira.
- Okukwata ku bwerere n’obwagazi awatali kiziyiza kyonna.
- Okulya ennyama y’engamiya.

Laba vidiyo eno ku ngeri
y'ofunamu wudhu,
ekoledwa ekitongole kya
Osuul Center.



Sikaaninga
bbaakoodi osobole
okulaba akatambi

Menya agamu ku makubo agayambako okuyiga okufuna Wudhu n'okujisa munkola mu qeli entuufu?

Ddi lwe kyinkakatako okuddamu okufuna wudhu?

Singa Omusiraamu afuna wudhu, Ekituufu tuzimbila kuba nti wudha ye aba ajilina okutuusa nga waliwo ekintu ekibaddewo ekikakasa okudamu okufuna wudhu, mw'ebyo ebyogeddwa waggulu.



Okweegezesamu

Buli kimu mu bigambo bino wammanga kiteeke mu kasanduuko akatuufu okusenziira ku bukulu bwakyo:

Okufulumu kwo musulo

Okukwata ku Qur'an

Otulo

Okusaala

Okwetoloola Kaaba

Okukwaata ku bwelele no'bwagazi

Okulya ennyama y'engamiya

Obukwakkulizo bwa wudhu:

Ebyoonoona Wudhu:

Okusiiga ku sokisi:

Omuntu afuna wudhu bw'aba ng'ayambadde sokisi ku bigere, Akkirizibwa okusiiga n'emikono gye emibisi kungulu kwe'ebigere, era tekyetaagisa kuzi ggyamu (Sokisi) n'okunaaba ebigere, kilina obukwakkulizo busatu:

Akasooka:

Okuba nga wewayambalide sokisi nga otukula (nga olinawudhu).

Aky'okubiri:

Stokisi zilina okuba nga zibikka ebigere wamu n'ebissinziro.

Aky'okusatu:

Ebbanga ly'okuzisiimuula teririna kusukka (essaawa 24) eri omutuuze, oba (essaawa 72) eri omutambuze.





Londa eky'okuddamu ekituufu:

1

Tegeka ebikolwa bino wammanga eby'awudhu, ng'otandikira ku kisooka:

- A) Okusiiga mutwe ☐
- B) Okunyumunguza mukamwa ☐
- C) Okunaaba mu kyeenyi ☐
- D) Okusiimuula mu matu ☐
- E) Okunaaba ebigere ☐
- F) Okunaaba engalo ☐

2

Laga ebikolwa by'okusinza ebyetaagibwa okufuna wudhu okuva ku bino wammanga:

- ☐ A) Okusaala
- ☐ B) Okusiiba
- ☐ C) Okukwata ku Qur'an
- ☐ D) Okwaziina
- ☐ E) Okweetolola Kaaba

3

Londa eky'okuddamu ekituufu:

Omuwendo ogw'ebyonona wudhu byona awamu:

- ☐ 2
- ☐ 3
- ☐ 4



Omusomo
ogw'okuna

Okunaaba (Ghusul)

Okwanjula


Waliwo embeera ezimu nga okufuna wudhu nga tekimala kusobola okutuukiliza kusinza, Wabula nga kyikakata kusoka kunaaba, Mumusomo guno tujja kuyiga ku makulu g'okunaaba Ghusul, ensonga ezikwetaagisa okunaaba Ghusul, n'engeri y'okujinaaba mu.

Amakulu go kunaaba Ghusul:

Ghusul: Kwe kunaaba omubiri gwonna n'amazzi n'ekigendererwa eky'okuggyawo ekizuusi ekinene.

Tunaaba tutya Ghusul?

Oteekeddwa mu kunaaba Ghusul, okubunya omubiri gwonna n'amazzi, wamu n'okunyumunguza mukamwa n'ennyindo Omusiraamu bw'akola ekyo, aba atukude okuva mu kizuusi ekinene.



Engeri y'okunaaba Ghusul mu bujjuvu:

Omusiraamu bwaba ayagala okunaaba Ghusul mu bujjuvu, alina okuyimilizawo emitendera gino wammanga:

- 1 Amalilila okunaaba Ghusul mu omutima n'okumansira amazzi ku bitundu bye eby'ekyama.
- 2 Afuna wudhu nga wudhu ye sswala.
- 3 Anaaba omubiri gwonna n'amazzi.

Ddi lw'ekukakata okunaaba Ghusul?

Okunaaba kukakata kumusiraamu mu mbeera ssatu:

Esooka:

Okufulumya amazzi agazaala n'obwagazi, ka kibeere nga gafulumye mu kiseera nga tuzuukuse oba nga tweebase.

Eky'okubiri:

Okwegatta, yade amazzi agazala nga gavudemu oba nedaa.

Eky'okusatu:

Okuvaamu omusaayi gwo mu nsonga oba oluvannyuma lw'okuzaala eli omukyala, Singa omusaayi gukoma, alina okunaaba ghusl.

Kubaganya ebirowoozo



Ekiragiro ky'okunaaba lw'okuggyawo ekizuusi ekinene kiraga ki?

Ebitakilizibwa kolebwa muntu alina janaba:

Embeera y'omuntu alina okunaaba olw'okwegatta oba okufulumya enkwaaso eyitibwa (janabah), era oyo ali mu kikulwa ekyo ayitibwa (junubah). Mu mbeera eno, kigaanibwa gy'ali:



1 Okusaala




2 Okwetoloola Kaaba



3 Okukwata oba okusitula Qur'an



4 Okubeela mu muzikiti




5 Okusoma Qur'an Entukuvu

Tayammum:

Omuntu ayagala okufuna wudhu oba okunaaba Gusul bw'aba tasobola olw'obutaba na mazzi, oba olw'obutasobola kukozeza mazzi olw'obulwadde oba ekintu ekirala, olwo ab'akikirizibwa okukuba tayammum mu kifo ky'ekyo (wudhu ne ghusul).

Nengeli y'okukubamu tayammum: (Omuntu) Aleeta eniyya yo kukuba tayammum mu mutima gwe, akuba kutaka n'emikono gye omulundi gumu, olwo n'asiimuula netaka elisigade mu ngalo ze mu kyenyezi, oluvannyuma n'asiimuula engalo ze.



Singa nfuna amazzi nga mmaze okula tayammum nkola ntya?

Omusiraamu bw'asanga amazzi oba n'asobola okugakozesa (nga si mulwade), Tayammum eba emuwedeko era alina okufuna wudhu oba okunaaba oluvannyuma lw'ekyo (eky'okulaba amazzi).



Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Omubiri gwonna gulina okubuna amazzi Ghusul esobole okubeera entufu okusobola okujawo janaba.

☐ Kituufu ☐ Kifu

Ghusl tekyetaagisa nga amazzi agazaala gafulumye mukiseela ky'okwebaka, wabula ekakata nga gakuwudemu ng'otunula.

☐ Kituufu ☐ Kifu

Tekikkirizibwa muntu ali mu mbeera ey'ajanaba okutuula mu muzikiti.

☐ Kituufu ☐ Kifu

2

Tayammum elagirwa Omusiraamu nga:

- ☐ A- Obutasobola kukozeza mazzi.
- ☐ B- Obutabeera na mazzi.
- ☐ C- Byonna ebyo waggulu.



Omusomo ogw'okutaano

Amateeka ageyawulide Omukyala Omusiraamu

Okwanjula

Allah owekyitibwa yawa omukyala ebitendo n'engeri ezenjawulo ezimwawula ku basajja, era nga bweya balaalikako emilimu egyimu gya'taalalika ku bassaja. Mu ssomo lino, tugenda kuyiga ku gamu ku mateeka ageyawulide omukyala omusilamu.

Ekifo ky'omukyala mu Busiraamu:

Eby'okulabirako by'amateeka ebiwa abakyala ekitiibwa mu Busiraamu:

- Obusiraamu bwaawa abakyala eddembe lya'bwe mu by'obusika mu ngaba ey'obwenkanya era ey'ekitiibwa, abasajja n'abakazi mu bifo muby'obusika benkana, era omugabo gwe gwawukana ku gwo (omusajja) mu bifo ebimu, okusenziira ku luganda lwabwe n'ensaasaanya eyabaweebwa.
- Bwafuula abasajja n'abakazi abenkanankana mu nsonga nnyingi ez'enjawulo, omuli n'enkolagana yonna ey'ebyensimbi.
- Bwawa abakyala eddembe okulonda omwami.
- Asigaza erinnya lye n'ekitiibwa ky'olunyiriri lwe eri kitaawe, kale olunyiriri lwe terukyuka oluvannyuma lw'okufumbirwa, wabula lusigala nga lukwatagana ne kitaawe n'abafamile ye.
- Kikata ku musajja okumulabirira n'okumusasaanyizako sente awatali kulaangila singa aba omukwaabo abamukakatako okubalabilila, gamba ng'omukyala, maama oba omwana omuwala.
- Bwateeka essila kukitiibwa nenkizo yo kuweereza omukyala oyo omunafu atalina muntu yenna, ne bw'aba nga si wa Luganda lwo, era ne kikubiriza okufuba okumuweereza era ne kifuula ekyo ekimu ku bikolwa ebisinga obulungi eri Allah.

Okusoma ebisingawo



Lab akatambi kano nga kageraageranya embeera y'abakyala mu Busiraamu n'amadiini amalala agamu.



Sikaaniga ku bbaakoodi olabe akataambi

Enkolagana wakati w'omukazi n'omusajja:

Enkolagana wakati w'omukazi n'omusajja egabanyizibwamu ebika bisatu:

Okuba nti omukazi ye mukyala we	Okuba nti yoomu kubamuzila okuwasa	Okuba nti omukazi ali mwabo bokilizibwa okuwasa
Bakirizibwa okukola ebitakirizibwa balala, gamba nga okwetunulila nokwesanyusa. Allah yayita omwami ekyambalo ky'omukyala ate nomukyala kyambalo ky'omwami, ng'ekifaananyi ekirungi ekigata wakati wabwe munewulila yo mwoyo nomubili.	Ba mahram be bo omusajja beyaziizibwa okuwasa lubeerela, gamba nga: maama, mwannyina, muwala wa mwanyina, muwala wa mugandawo omulenzi, senga, mama omuto, ne nyazala. Abakyala bano bakirizibwa okufuluma mu maaso gaaba mahram baabwe nga balina eby'okwewunda bya'abwe ebiraga emikono, ensingo, enviiri n'ebirala ebiringa ebyo awatali kudiibuda yade okusuka ekomo.	Omukazi gwokilizibwa okuwasa yo'oyo yena atali mwabo abakuziyizibwako okuwasa, ne bwaba nga ali mube ngandazo nga omwana wa taata wo omuto, newamula wa senga wo, nemukyala wamugandawo, nabakyala be kyikaakyo (abatali be twayogedeko), obanga tali muba ngandaze nga tabalinaako yade kakwate kona. Ela obusiramu bwatekawo amateeka go kwatagana wakati wabasajja n'abakyaala nga obwe teeka bwo kwebikilila nobuteeyawula wakati wo musajja n'omukazi.

Hijab y'omukyala Omusiraamu:

Allah yalaalika Hijab kumukyala so si kumusajja, olw'obulunji n'ebintu ebisikiliza byeyamuteekamu mwebyo ebimufuula nga kikemo eri omusajja

okusinga amusajja okuba ekikemo gyali. Ensalosalo zaa hijab eyo kwe kuba nti ebikka omubiri gwe gwonna okuva ku basajja abebbali, era ayina okwambala (Hijaab) jaa yagala okuva mubika ne Langi ebyenjawuyulo, wamu nokutunulila obukwakulizo buno obuna:

Akasooka:

Okuba nti Hijab ebika ebyo byona ebikakata okubikkibwa.

Ak'okuubiri:

Okuba nti ngazii nga siinfunda nga elaga ebitundu by'omubiri webisalila.

Ak'okusatu:

Terina kuba ya luwelele, nga eraga ebitundu by'omubiri.

Ak'okuna:

Obutaba yyo yenyini (Hijab) kyaa kwewunda.

Ebika by'omusaayi oguva mu mukyala:

Ebika by'omusaayi ebiva mu mukyala biri bibiri:

Omusaayi gw'a Haidhi

Guno gwe musaayi ogw'obutonde ogufuluma mu nnabaana y'omukyala ebiseera ebisinga buli mwezi, ela gugendelela okumala ennaku eziwera, era guyitibwa (omukyala okugenda munsonga).

Omusaayi gwa Nifaas:

Guno gw'emusaayi gw'obutonde oguva mu nnabaana y'omukyala ng'omwana amaze okuzaalibwa, nga gusobola okugenderera mpaka nga kunnaku 40.

Amateeka agafuga okugenda mu nsonga n'okuvaamu omusaayi oluvannyuma lw'okuzaala:

Allah Omugulumivu yabaga amateeka manji agafuga omukyala agenze munsonga navudemu omussayi oluvannyuma lwokuzaala. Agamu kugo:

- Bajjibwaako Esswalah, Tebakakatibwako swala mukade nga bali munsonga oba oluvannyuma lwokuzaala, ela tebakaka tibwakwo kujiliwa.
- Okuleka okusiiba, tebakkirizibwa kusiiba mu biseera by'okugenda mu nsonga n'okuvaamu omusaayi oluvannyuma lw'okuzaala, wabula bakakatibwaako okuliwa ennaku ze baasibulukuka mu mwezi gwa Ramadhan.
- Baziyizibwako okweegatta, Tekikkirizibwa omwami kwegatta ne mukyala we ali mu nsonga oba avaamu omusaayi gw'okuzaala okutuusa ng'amaze okunnaba (ghusl). oluvannyuma lw'okoma kwomusayi ogwensonga nogwokuzaala. Naye kikirizibwa okwesanyusa ebanga lyamala nga tamuyingide mu bwelele (obwomukyaala).
- Okunaaba ng'omusaayi gukomye, kale singa omusaayi gukoma okuva ku mukyala agenda mu nsonga oba oluvannyuma lw'okuzaala, alina okunaaba ghusl nga bwe kwayogeddwa waggulu.

Okusoma ebisingawo

Okumanya ebisingawo ku ngeri Obusiraamu gye buwa abakyala ekitiibwa, soma ekitabo omukyala mukyisikilize kyo busilamu, ekisangibwa mu dduuka lya Usool mu nnimi z'ensi yonna eziwerako.



Sikaninga bakoodi osobole okuwanula ekitabo

Kubaganya ebirowoozo

Laga ebimu kubigendelerwa mubufunze okujako emirimu ejimu eje diini kumukyaala?

.....

.....

.....

.....



1

Obusiraamu bwaalaalika ku musajja okulabirira omukazi n'okumusaasanyizaako sente nga tamulangila.

☐ Kituufu ☐ Kifu

Hijab terina kuba nga ngumu ate ngazi.

☐ Kituufu ☐ Kifu

Omukyala ali mu nsonga bwatukula, alina okunaaba ghusl nga tannasaala.

☐ Kituufu ☐ Kifu

Haidhi gwe musaayi ogw'obutonde ogufuluma mu nnabaana w'omukyala ng'amaze okuzaala.

☐ Kituufu ☐ Kifu

2

Omukyala Omusiraamu alina okubikka omubiri gwe gwonna okuva ku:

- ☐ A- Abakyala abalala
- ☐ B- Abasajja abebballi
- ☐ C- Ssezaala we

Omukyala ali mu nsonga oba afulumamu omusayi gw'okumala okuzaala bwaba atukude alina okuliwa:

- ☐ A- Esswalah
- ☐ B- Okusiiba
- ☐ C- Byonna ebyo waggulu



**Omusomo
ogw'omukaaga**

Esswala

Okwanjula

Okusaala kutwalibwa ng'omukolo ogusinga obunene mu ddiini, Omusiraamu gw'alina okuyiga n'okukola, Omubaka wa Allah ebyengera n'emirembe bibere ku yye, yatuyigiriza engeri y'okusaalamu mu ngeri esiimisaamu Allah, Ne mu somo lino tugenda kuyiga ku swala etaano ezo bw'eteka, ekifo kyazo, obulombolombo bwazo, nengeri jezisaalibwamu mungeri entufu.

Esswala kye ki?

Esswala: Kwe kusinza kwabuli lunaku nga kulimu ebigambo ne milimu ejisembeza omusiraamu eri omuleziwe, era nga akukola emirundi etaano emisana nekiro.

Ne swala ye mpagi ey'okubiri mu mpagi z'obusiraamu.

Ekifo ky'Esswala:

Esswala yeyawulide ebirunji bingi, mulimu mubyo:

- Ye mpagi ey'okubiri mu'busiraamu oluvannyuma lw'okujulila okwe emilundi ebiri (shahadah).
- Kwe kusinza okulina okukolebwa mu mbeera zonna, mu bulamu n'ebulwadde, mu butebenkevu n'emukutya.
- Kwe kusinza okwawula Omusiraamu ku mukaafiri.

Lwaki tusaala?

Tusaala kubanga okusaala kusinza Allah okwetteka ku musiramu.

Ebimu kubigenderwa bye swalah ne migaso gyayo:

Esswalah egata wakati w'Omusiraamu ne Allah we.

Eyongela Omusiraamu amanyi okwaagala n'obumalirivu.

Ewumuza omwoyo okuva eri ebizibu bye ensi.

Erongosa empisa zo musaaze, n'okumwesambya ebibi.


Obukwakkulizo (obutuusisa) Esswala:

Esswala okutuuka, waliwo obukwakkulizo obw'enjawulo, bwebuno:

- Okweetukuza: nga kuno kubuna okutukuza omubiri, ekifo ekisaalirwaamu, n'ebikyaafu ebiri ku mubiri, n'okweetukuza okwejjako ekizuusi ng'ofuna wudhu oba okunaaba.
- Okubikka obwereere: kyebayita obwereere: kyeekyo ekiyina okubikkibwa okuva eri abantu ku mubiri gwo. Obwereere bw'omusajja bwaalina okubikka mu sswala buva ku kkundi okutuuka ku maviivi, n'obwereere bw'omkyaala bwaalina okubikka mu sswala gw'omubiri gwe gwonna okujjako ebibatu n'ekyenyi.
- Okutunula mu Kibula: era ng'olwo lw'eludda lwa kaaba eyeekitiibwa esangibwa e makka, kikakatta ku musaaze okutunula ku ludda lwa kaaba ng'asaala.
- Okuyingirawo kw'obudde bwesswala: esswala teba ntuufu nga obudde bwaayo tebunnatuuka, ate era tekikkirizibwa kugikeereyesa neesalibwa nga obudde bwaayo buweddeyo, era ekisinga obulungi kwe'kugisaala mu kiseera kyaayo ekisooka.

Okusoma ebisingawo

Laba akatambi kano (akaakolebwa markaz usuul) okutegeera bwebasaala esswala



Kozesa bar code eno okulaba akatambi ako.

Esswala ettaano:

Allah oweekitiibwa yalaalika ku baddu be okusaala mu lunaku n'ekiro esswala ttaano, era zeezino (n'obudde bwaazo):

Esswala	Obudde bwaayo butandika	Bukoma	Erina raaka
Esswala ya Subuhi	Ng'emmambya esaze	Ng'enjuba evuddeyo	2
Esswala ya Dhuhuri	N'okusala kwenjuba (okutambula kwaayo ng'edda jeegwa mu biseera byettuntu)	Ng'ekintu kyonna kyenkana n'ekisiikirize kyaakyo	4
Esswala ya aswiri	Kasita ekintu kyenkana n'ekisiikirize kyaakyo	Okugwa kw'enjuba	4
Esswala ya magaribi	N'okugwa kw'enjuba	Okuggwaawo kw'ekire ekimyuufu	3
Esswala ya isha	N'okuggwaawo kw'ekire ekimyuufu	Wakati w'ekiro	4



Tusaala tutya?

Omusiraamu bwaaba ayagadde okusaala alina okuyita mu mitendera gino wammanga:

1 Aleeta enniya y'esswala mumutima gwe.

2 Ayimirira ng'atunudde mu kibula, n'asitula ebibatu bye waggulu w'ebibegaabega bye, oba okulinaana amatu ge, n'agamba (ALLAHU AKBAR) ekitegeeza nti Allah yaasinga obunene.

3 Ateeka omukono gwe ogwa ddyo ku mukono gwe ogwa kkono mu kifuba kye. Oluvanyuma asoma edduwa eggulawo esswala egamba nti (Subuhaanaka LLahuma wabihamdika watabaaraka ismuka watala jadduka wa la ilaaha gayiruka) etegeeza nti (wayawukana Allah n'amatendo go, n'erinya Lyo lya mikisa, n'amanyi go ga waggulu, era teri kisinzi bwa mu butuufu okujjako gwe). Oluvanyuma asoma (A-udhu billahi mina shaitwaan rrajiimi) ekitegeeza nti: (neekingiriza ne Allah okuva eri Shayitwaani eyakolimirwa). Wamu ne (Bismillahi Rahman Rahiim) ekitegeeza nti: (ku linya lya Allah omusaasizi ow'ekisa ekingi), oluvanyuma asoma surat Al Faatiha oba alhamdu ku nkomerero yaayo n'agamba Aamiin ekitegeeza nti: Allah wange nkusaba okkirize byetukusabye. Oluvanyuma lwa al-faatiha asoma kyonna kyaaba asobodde mw'ebyo byeyakwaata okuva mu Qur'an ne bweeba Aya emu.




4 Oluvanyuma addamu n'asitula ebibatu bye nate okubirinaanisa amatu waggulu w'ebibegaabega, n'agamba: "Allahu Akbar" olwo n'aweta omugongo gwe ng'akutama, n'ateeka ebibatu bye ku maviivi ge, omugongo gwe n'omutwe biberra ku mitendera gweegumu. Era agamba awo nga akutama: (Subuhaana Rabbiyal-adhwiimi) ekitegeeza nti (yayawukana Omulezi wange oyo Allah omugulumivu) akyoogera emirundi esatu.



5

Asituka ng'ava ku maviivi addemu ayimirire nga bwaasitula ebibatu bye nate, nga bw'agamba nti: (Sami-a Llahu liman hamidahu) ekitegeeza nti (Allah awulidde oyo amutenderezza) oluvanyuma n'agamba ng'ayimiridde nti: "Rabbana walakal-hamdu" ekitegeeza nti "ayi Mulezi waffe amatendo amalungi gonna gago"



6

Oluvanyuma akkirira n'avunnama ng'atadde ekyenyi kye n'enyindo ku ttaka, n'ebibatu bye byombiriri, n'amaviivi ge gombiriri, n'obugere bwe bwonna nga ebigere abisimbye, n'agamba: "Subuhaana rabbiyal-a-ala", ekitegeeza nti "Yayawukana omulezi wange Allah oyo owa waggulu" emirundi esatu.





7

Oluvanyuma asitula omutwe gwe asobole okufukamira nga bw'agamba nti: (Allahu akbar), olwo n'afukamira ng'atuulidde ekigere kye ekya kkono, ng'asimbye ekigere ekya ddyo. N'agamba awo ng'atudde: (Rabbi igfir-li), ekitegeeza nti: (Mulezi wange Allah nsonyiwa).





8

Addamu n'avunnama nga bwaagamba Allahu Akbar, era n'akola nga bweyakoze mu kuvunnama okwasoose.

9


Oluvanyuma asituka n'ayimirira nga bwaagamba Allahu akbar, n'akola nga bweyakoze mu raaka eyasoose yonna.






- 10** Oluvanyuma lw'oluvunnama olwookubiri mu raaka ey'okubiri, atuula nga bweyatudde wakati w'envunnama ebbiri, olwo n'agamba: (Attahiyyaatu lillahi wasswalawaatu wattwayyibaatu, assalamu alayika ayyuha nnabiyu warahmatullahi wabarakaatuhu, assalam alayina wa ala ibaadi llaahi asswaalihiin, Ash-hadu alla ilaaha illa Llahu, wa ash-hadu anna Muhammada abduhu wa rasuuluhu) ebitegeeza nti: "okulamusa okulungi kwonna kwa Allah, wamu n'okusinza, n'ebirungi, emirembe jibeere kuggwe owange gwe omubaka wa Allah, era emirembe jibeere ku ffe n'abaddu ba Allah bonna abalongoofu, nkakasa nti teri kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah era nenkakasa nti nabbi muhammad muddu we era mubaka we" eyo jebayita (Attashahudi al-awwal) ekitegeeza nti: tashahhudi esooka, oluvanyuma lwaayo agamba nti:

"Allahuma swalli ala Muhammadi wa-ala ali Muhammadi, kama swallayita ala Ibrahiima wa-ala ali Ibrahiima innaka hamiidu majiidu, wa baarik ala Muhammadi wa ala aali Muhammadi, kama baarakta ala Ibrahiima wa ala aali Ibrahiima innaka hamiidu majiid" ebitegeeza nti: "Allah nsaba oteeke okusiima, n'obuyambi bwo era ositule Nabbi Muhamdnad n'abantu be nyumba ye nga bwewakikola ku Ibrahiim n'abantu be nyumba ye, mazima ddala Allah gwe atenderezebwa ow'ekitiibwa, ate era Allah nkusaba oteeke emikisa ku nabbi muhammad n'abantu be nyumba ye nga bwewateeka emikisa ku ibrahiim n'abantu be nyumba ya Ibrahiim, mazima ddala Allah gwe atenderezebwa ow'ekitiibwa"eyo jebayita (swalatu ibrahiimiyya), kyebayita okusaalira nnabbi mu sswala.



- 11** Oluvanyuma atunula ku ludda lwe olwa ddyo n'agamba (Assalam alaikum warahmatullah), era n'akyuuka n'atunula ne ku ludda lwe olwa kkono n'agamba kyeekimu. Nabweekityo esswala ye eba ewedde.



Bwaaty bwaasaala esswala singa eba ya raaka bbiri; nga esswala ya subuhi (ey'okumakya) n'ejjuma (ey'olwookutaano mu ttuntu) naye bweeba nga ya raaka ssatu nga; Magaribi (ey'akawungeezi), oba ya raaka nya nga Dhuhuri (ey'essaawa omusanvu), oba Aswir (ey'essaawa ekkumi) oba Isha (ey'ekiro ku), mazima ddala yye oluvanyuma lwa "Tashahudi esooka" bwetwaagirabye waggulu, tayongerako kusaalira Nabbi, wabula asituka n'akimayo eraaka eziba zisigaddeyo nga bweyasadde eraaka ezisoose, okujjako nti mu zino bwaamaliriza okusoma al-Faatiha (Al-hamdu) tayongerako kusoma kintu kirala kyonna agenda bugenzi ku maviivi.

Oluvanyuma atuula nga bweyatudde mu raaka ey'okubiri, n'asoma tashahudi esooka, n'agattako okusaalira nnabbi (swalatu ibrahiimiyya), oluvanyuma n'atoola salaam (nga bweyakoze ku mukono gwe ogwa ddyo n'ogwa kkono bweekityo)

Esswala ye Jjuma

- Allah oweekitiibwa yalaalika ku basiraamu ku lunaku lw'ejjuma (olw'okutaano) esswala eyitibwa (esswala y'ejjuma), era yyo erina engeri jeesaalibwaamu ey'enjawulo, n'obukwakkulizo obwenjawulo, era yyo edda mu kifo ky'Esswalah ya dhuhuri (esaalibwa ku saawa musanvu) ku lunaku olwo olw'ejjuma.
- Bakungaana abasiraamu ku lw'esswala eyo mu mizikiti, omubuulizi naabuulira embuulira zaa mirundi ebiri, oluvanyuma n'abasaaza eraaka bbiri, era asoma mu zzo QUR'AN mu lwaatu.
- Era kikubirizibwa okunaabako ng'ogenda ku muzikiti okugisaala, n'okukeerako, era okugenda okugisaala ku muzikiti kya buwaze (ku basajja) okujjako kwooyo ayina ekisonyiyisa, era atagisadde asaala mu kifo kyaayo esswala ya dhuhuri eraaka nya (4), nga era azisaala mu kyaama (nga dhuhuri eya bulijjo) ssi mu lwaatu.
- Era esswala y'ejjuma tekakata ku mukyaala, yadde omutambuze ali mu lugendo.

Kubaganya ebirowoozo



Yogeraamu kko n'ebanno ku bizibu byoolaba ebiremesa Omusiraamu okusaala esswala mu biseera byaayo, era ayinza kubisimattuka atya.



Allah agamba: (Abange mwe abakkiriza! Bwemubanga muwulidde okukoowoola (okwaaziina) okugenda eri okusaala ku lunaku lwokutaano (olwejjuma), kale musitukirengamu okugenda eri okujjukira Allah, muyimirize nga ebyokutunda, ekyo kye kirungi gyemuli bwe mubeera nga mumanyi) (Al Jumma:9)



Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Omusiraamu akkirizibwa okusaala esswala eyetteekwa nebwebuba nga obudde bwaayo buyiseeko.

- ☐ Kituufu ☐ Kifu

Obudde bwesswala ya subuhi buggwaako ng'enjuba evuddeyo.

- ☐ Kituufu ☐ Kifu

2

Yogerayo embeera z'okusinza bbiri mwezo ezeeyawulidde olunaku lw'ejjuma.

Bweebuliwa obuufu (emigaso) bw'esswala ettaano ku bulamu bw'Omusiraamu obwa bulijjo?

Okuva mu byooyize okuva ku mukutu guno "<https://islamicfiqh.net>" yogera ku nnamula y'omuntu aleka esswala mu busiraamu.

3

Obweereere obukakata ku musajja okubika mu sswala:

- ☐ A- Omubiri gwe gwonna okujjako ebibatu, ekyenyi, n'ebigere.
☐ B- Okuva ku kkundi okutuusa ku maviivi.
☐ C- Okuva ku bibegaabega okutuusa ku maviivi.

Oludda omuntu asaala lwaayina okutunulamu lwe:

- ☐ A- Oludda lwommambuka
☐ B- Oludda lw'ebugwanjuba
☐ C- Oludda lwa Kaaba

Omusaaze agamba ng'ali mukuvunnama nti:

- ☐ A- Subuhaana Rabbiyal-adhwiimi
☐ B- Subuhaana rabbiyal-a-ala
☐ C- Rabbi igfir-li



**Omusomo
ogwomusanvu**

Zakah

Okwanjula

Okuva edda nedda abantu kuno kungsi bawangaalira mumbeera ez'enjawulo, mu bbo mulimu omugagga alina sente enyini, mulimu omwaavu atalina kyaakulya, era eyo emu ku nkola za Allah kwaanambuliza ensi, era obusiraamu bwalaalika omugabo ogwetteeka okuva mu mmaali y'abagagga nga gudda eri abanaku gusobole okubayambako n'okubakendeereza ku buzito bw'obwaavu, era obusiraamu ne bukubiriza omugagga okuwaayo omuwendo ogusinga kwogwo ogwaamulaalikibwaako, era nga empeera y'ekyo nzito ddala omuntu agifuna mu bulamu bwe, n'oluvanyuma lwokufa kwe. Nga era obusiraamu bwe bwaakubiriza okukola ebirungi (okuyamba) eri abanaku mumbeera zonna, era obusiraamu ne bwaagazisa nyo okuliisa abayala, n'okwambaza abatalina ngoye, bino byonna byaakolebwa lwa kubeera bumu kwa basiraamu, era babeerere ddala nga Allah bweyayagala babeere, era mu musomo gwaffe guno, tugenda kutegeera: ennamula ya zakah, eweebwa etya, era ejjibwa mu miteeko ki egy'emmaali?

Zakah kyekki?

Zakah: kweekujja omuwendo omugereke okuva mu mmaali y'abagagga abasiraamu neguweebwa abanaku. Era yyo mpagi ya kusatu mu mpagi z'obusiraamu.

Okusoma ebisingawo



**Laba akatambi kano
akogera ku zakah, n'emigaso
gyaayo eri abantu. (Vidiyo
yakolebwa markaz usuul).**



Kozesa bar code eno
okulaba akatambi
ako (vidiyo)

Lwaki tuwa zakah?

Tuwa zakah lwa kugondera kiragiro kya Allah oyo eyatulaalikako zakah.

Ezimu ku songa lwaaki zakah eweebwa, n'emigaso gyaayo:

Ogusooka:

okutukuza emitima okujijamu okwaagala enyo sente, n'okujijamu obukodo.

Eky'okubiri:

okuweza ssente, mazima ddala zakah tekendeeza sente za muntu, wabula ezongeramu, era n'eziteekamu emikisa.

Eky'okusatu:

okuyamba ku beetaavu mu banaku, ne ba masiikiini n'abala abeetaavu.

Miteeko gya mmaali ki ejijibwaamu zakah?



Zzaabu ne ffeeza



Ensimbi enkalu



Ebirime



Ebisolo ebirundibwa

Emmaali y'obusuubuzi: kitegeeza buli kintu ekitegekeddwa okutundibwa; nga ekizimbe, oba eby'omudduuka, oba emmotoka, oba ebisolo, n'ebirala.

Emmaali y'obusuubuzi

Ebisolo ebirundibwa: engamiya, ente, embuzi n'endiga.

Tuwa tutya zakah y'ensimbi enkalu?

Omusiraamu awa zakah y'ensimbi ze ezituuse okuweebwaamu zakah (omuwendo) omulundi gumu mu mwaaka, era ajjamu 2.5% naajiwa abavu, n'abo abalina obweetaavu.



Okweegezesamu

Teeka buli kigambo wekisaanira
(ne kyekikwaatagana nakyo)

Zzaabu ne ffeeza

Essaawa
yokumukono

Omuwendo
gw'essente

Ebintu byomunju

Enkoko

Embuzi

Ennimiyo ya appo
(apple)

Kikakata ku musiraamu okukiwaamu
zakah:

Tekivaamu zakah:

Kubaganya ebirowoozo

Singa abagagga bonna bawa zakah, kireeta ki?

.....

.....

.....

.....

.....



1

Laba akatambi kano (Why do Muslims pay zakat) Oluvanyuma oyogere ku nsonga ez'ettendo Lwaaki zakah yalaalikibwa.



.....

.....

.....

.....

.....

.....

.....

.....

.....

.....

.....

2

Kikakata ku musiraamu okuwa zakah okuva mu nsimbi ze enkalu:

- ☐ A- Omulundi gumu mu bulamu bwe.
- ☐ B- Omulundi gumu mu mwaaka.
- ☐ C- Omulundi gumu mu mweezi.

Ekigero ekiweebwa mu zakah y'ensimbi enkalu kiri:

- ☐ A- 25%
- ☐ B- 10%
- ☐ C- 2.5%



Omusomo ogw'omunaana

Okusiiba

Okwanjula

Okusiiba kubalibwa mu by'okusinza Allah byeyalaalika ku bibinja byabantu byonna (eby'asooka wamu naffe), era mu busiraamu, Omusiraamu yenna akola ekyaalaalikibwa kino lwa kugondera Allah, era mu musomo gwaffe guno tugenda kutegeera okusiiba kye ki, ebikwoonoona, n'agamu ku mateeka amakulu agakufuga.

Okusiiba kye ki?

Okusiiba: y'embeera ey'okusinza, Omusiraamu mweyeeziyizaako okulya n'okunywa, n'okwegatta n'omukyaala okuva nga emmambya esaze okutuusa nga enjuba eguddeyo.

Era okusiiba omweezi gwa Ramadhan mpagi ya kuna mu mpagi z'obusiraamu.

Lwaaki tusiiba?

Omusiraamu asiiba lwa kugondera Allah ow'ekitiibwa, n'okwaanukula ekiragiro kye.

Ezimu ku nsonga ezaalaalisa okusiiba, n'emigaso jaakwo:

- Okunyweeza okutya Allah, nga kiva mu kuyitiriza okusinza Allah, n'okukundeeza okumujeemera (nga bwekibeera mu kisiibo)
- Okuwulira ku bulumi bwenjala nga abeetaavu bwebabuyitamu.
- Okutaasa omwooyo okugujja mu byobwaagazi byaagwo, era gutendekebwa okuyitako mumbeera enzito, n'okugufuga.



Allah yalaalika okusiiba ku basiraamu, ng'era bwe kyaali ne ku mirembe ejaayita, nga Allah bw'agamba mu (surat bakara aya 183) evvuunulwa bweeti: **"Abange mwe abakkiriza, kwalaalikibwa ku mwe okusiiba nga bwe kwalaalikwa kwabo abaabasooka, oba olyawo ne mutya Allah"**

Ebyonoona okusiiba

Kikakata ku muntu asiibye okweewala ebintu ebyenjawulo, era singa abikola, byonoona okusiiba kwe, byeebino:

- 1 Okulya n'okunywa, era nga muno tutwaaliramu empiso ezirimu ebiriisa omubiri ezikubibwa mu misuwa.
- 2 Okukola ekireetera ekifulumya amazzi agazaala ng'ogenderedde, ng'okwegatta n'omukyaala, oba mu mbeera endala, naye nga okweegatta emisana mu kisiibo eri omusiibi musango munene nyo.
- 3 Okweekaka okusesema.
- 4 Omukyaala okugenda mu nsonga ze, oba omusaayi ogw'okuzaala.

Omweezi gwa Ramadhan ogw'omukisa:

Ogwo guba mweezi gwa mwenda mu myeezi gy'obusiraamu, era gwo mweezi gwa mikisa, Allah yassa mu gwo QUR'AN ku mubaka Muhammadi okusaasira ebyengera n'emirembe bibeere ku yye. Era Allah yagufuula mweezi gwa kusiiba emisana, ate era n'okusaala mu biro byagwo kisonyiyisa ebyonoono. Era Allah yagwaawula n'ekiro ekisinga emyeezi lukumi, ekiyitibwa Layilatul-kadiri (ekiro ky'okugera), omuntu akiyitamu ng'asaala, n'okutendereza Allah, era n'okusaba Allah amusonyiwa amazambi ge gonna agaasooka.



Abasiraamu basaala swalatu Taraweeth (tarawiya esaalibwa oluvanyuma lwa Isha mu Ramadhan), era yyo nga eri bikolebya ebya ssunna mu Ramadhan.

Baani abakkirizibwa obutasiiba mu Ramadhan?

- 1 Omulwadde akosebwa singa aba asiibye.
- 2 Omuntu akaddiye mu myaaka atasobola kusiiba.
- 3 Omutambuze ali mu lugendo.
- 4 Omukyaala ali mu nsonga, oba ava mu musaayi gw'okuzaala.
- 5 Omukyaala ow'olubuto, n'oyo ayonsa singa baba batidde okkosebwa, oba abaana baabwe okkosebwa.

Ebyokwegendereza ebikwaata kukusiiba:



- Omuntu singa asiibulukuka mu ramadhan ng'alina ekisonyiyisa, akakatwaako okuliwa buli lunaku lwatasiibye oluvanyuma lwa Ramadhan.
- Omuntu singa tasiiba olw'obulwadde bwatasubira kuwona, oyo takakatwaako kusiiba, era yye aba alina okuliisa misikiini omu ku lwa buli lunaku (bwaaba alina obusobozi).
- Nabweekityo, n'omuntu akuze mumyaaka nga takyaasobola kusiiba naye aliisa masikiini omu ku lwa buli lunaku (bwaaba alina obusobozi).




Abasiraamu basiibulukuka nga bawulidde okwaaziina kwa swalat magaribi (ku ssaawa emu akawungeezi), era Abasiraamu banji bafuba okulaba nga basiibulukako ne bannaabwe abalala.



Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Okusenziira ku byoolabye mu katambi kano (Why do Muslims fast Ramadan?) yogera ku birungi Omusiraamu byaafuna mu kusiiba.



2

Allah yakkiriza abantu ab'enjawulo obutasiiba, yogerayo abamu ku bbu, oyogere n'ensonga lwaaki bakkirizibwa obutasiiba.

3

Kikakata ku musiraamu mu kusiiba kwe okweewala:

- ☐ A- Okulya n'okunywa
- ☐ B- Okweegatta n'omukyaala
- ☐ C- Byonna ebisoose

Ebitta okusiiba biri bimeka:

- ☐ A- 6.
- ☐ B- 5.
- ☐ C- 4.



Omusomo
ogw'omwenda

HIJJA

Okwanjula

Hijja mpagi mu mpagi zeddiini busiraamu, era y'emu ku mirimu ogusembeza Omusiraamu eri Allah ow'ekitiibwa, era zaija hadith nyinji okuva ku nabbi Muhammad okusaasira ebyengera n'emirembe bibeere ku yye ezoogera ku bulungi bwaayo, era mu musomo gwaffe guno tugenda kubaako ebikwaata ku hijja ebitonotono byetuyiga.

Hijja kyekki?

Hijja: kweekusinja Omusiraamu ayina obusobozi kwaakola ng'ayita mu kugenda e makka ey'ekitiibwa akolereyo ebikolwa eby'okusinja ebyenjawulo mu mweezi ogwa dhul-hijja era nga guno gw'egusembayo mu mwaaka ogw'obusiraamu.

Era hijja y'empagi ey'okutaano mu mpagi z'obusiraamu.

Omwaaka ogw'obusiraamu (hijri): gulaga era gubalibwa okuva nabbi Muhammad lweyasenguka okuva e makkah okudda e madiinah, era Umar bun kkhataab Allah yasiima ku yye yeeyalonda okusenguka kwa nabbi Muhammad okusaasira ebyengera n'emirembe bibeere ku yye kubeere entandikwa y'okubala emyaaka gy'obusiraamu. Era omwaaka ogwa hijri gulina emyeezi kkumi n'ebiri (12), gutandika n'omweezi gwebayita "muharram" negukoma ku mweezi gwa "dhul-hijja", era abasiraamu bakozeza embala y'emyaaka eyo (hijri: omwaaka gy'obusiraamu) mu kulondoola ebyaagwaawo ne mukutunuulira ebyaafaayo.

Abasiraamu bakola hijja lwa kwaanukula kukoowoola kwa Allah ow'ekitiibwa okugenda okulambula enyumba ye Kaaba ey'emizizo

- Okutambulira mu buufu bwa ba nabbi ab'ebitiibwa ab'enjawulo abo nabo abaakola hijja.
- Okubeera mu kusinza, omuntu agenze okkola hijja amala ennaku eziwera nga ali mu kusinza Allah we, ng'ava mu ibaada eno bwadda mu ndala.
- Okusisinkana n'abasiraamu abalala ab'enjawulo ababa bakungaanidde mu bifo ebikolebwaamu hijja (masha-iru) ebitukuvu, n'okubategeera, n'okuzimba enkolagana nabo n'empuliziganya.



Hijja ekakata kwani?

Hijja ekakata omulundi gumu mu bulamu bw'omuntu kwoyo alina obusobozi okuva mu basiraamu abaami n'abakyaala, buli alina obusobozi, mu mubiri(obulamu), ne ssente hijja emukakatako.

Bino bikulu okumanya ku hijja:



- Tekisoboka eri Omusiraamu okukola hijja okujjako ng'ali mu kifo eky'eyawulidde (Makka), era mu biseera eby'eyawulidde mu mwaaka (gye myeezi ja hijja)
- Hijja erimu ebikolebwa mu kusinza ebiwerako omuntu byaasaanidde okumanya nga tannasimbula kugenda makka kukola hijja.




Abasiraamu abawera bakola hijja buli mwaaka okuva mu mawanga ag'enjawulo, bonna bambala engoye zeezimu tewabeerawo njawulo wakati wa mwaavu na mugagga mu bbo.



Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Ng'oyita mu kulaba akatambi kano: (why do muslims perform pilgrimag Hajj) akategeeza nti (lwaaki abasiraamu bakola hijja?), yogera ku ngeri emikolo ja hijja bwejikwaatagana n'obubumbwa bw'omuntu.



2

Abasiraamu bakola hijja mu:

- ☐ A- Mweezi gwa Ramadhan
- ☐ B- Mweezi gwa Dhu-hijja
- ☐ C- Mweezi gwa December

Hijja ekakata ku musiraamu:

- ☐ A- Omulundi gumu mu bulamu bwe
- ☐ B- Emirundi ebiri mu bulamu bwe
- ☐ C- Buli lwaafuna obusobozi obukola hijja

Okwepimamu

	Ekigendererwa ky'ebyenjigiriza	Omutendera gw'okwepimamu			
		Nedda	Munafu	Mulungi	Mulungi nyo
1	Kati omanyi amakulu g'ekigambo kusinza?				
2	Osobola okwoogera obulombolombo bw'okusinza?				
3	Osobola okwoogera emiteeko gy'okusinza?				
4	Omanyi amakulu g'okweetukuza?				
5	Omanyi emiteeko gy'okweetukuza?				
6	Osobola okunyonyola wudhu efunibwa etya?				
7	Omanyi ebyonoona wudhu?				
8	Omanyi amateeka agafuga okusiiga ku ssitookisi?				
9	Omanyi okunaaba ghusulu?				
10	Omanyi ebireetera okunaaba ghusul okuba okwetteeka?				
11	Omanyi omuntu alina janabba byaatakirizibwa kukola?				
12	Omanyi emiteeko gy'emisaayi egiva mu mukyaala?				
13	Omanyi amateeka agakwaata ku misaayi gy'abakyaala?				
14	Omanyi amakulu g'ekigambo swala?				
15	Omanyi lwaaki tusaala?				
16	Omanyi obukwakkulizo obutuusisa esswala?				
17	Omanyi esswala ettaano z'eziriwa?				
18	Omanyi butya bwebasaala esswala?				
19	Omanyi amateeka agafuga esswala y'ejjuma?				

	Ekigendererwa ky'ebyenjigiriza	Omutendera gw'okwepimamu			
		Nedda	Munafu	Mulungi	Mulungi nyo
20	Osobola okutegeera zakah kye kki??				
21	Omanyi lwaaki tuwa zakah?				
22	Omanyi emiteeko gy'emmaali egiwebwaamu zakah?				
23	Omanyi obulombolombo bwa zakah?				
24	Omanyi emiteeko gy'abantu abaweebwa zakah?				
25	Omanyi amakulu g'ekigambo kusiiba?				
26	Omanyi lwaaki tusiiba				
27	Omanyi okusiiba okwetteeka?				
28	Omanyi ebyonoona okusiiba?				
29	Osobola okutegeera baani abakkirizibwa obutasiiba?				
30	Omanyi amakulu g'ekigambo hijja?				
31	Omanyi lwaaki tukola hijja?				
32	Omanyi hijja ekakata kwani?				
33	Osobola okufuna wudhu entuufu?				
34	Osobola okunaaba (ghusul) olunaaba olutufu?				
35	Osobola okusaala ensaala entuufu?				
36	Muli owulira obwangu bw'eddiini y'obusiraamu n'obutakaluubiriza bwaayo?				



Ekitundu eky'okuna

Amateeka agafuga
obusiraamu



Emisomo gya yunitti:

- 1 Enyambala
- 2 Eby'okulya n'ebyookunywa
- 3 Enkolagana z'abantu mu by'efuna
- 4 Empisa





Omusomo ogusooka

Enyambala

Okwanjula

Ekyambalo omuntu kyaayambala kyengera mu byengera bya Allah, nga Allah bwagamba mu (surat Al-a'raaf aya 26): (Abange mwe abaana b'Adamu, twabassiza ebyambalo ebibikka obwereere bwamwe, n'ebiyambalo ebibanyiriza, naye ekyambalo ky'okutya Allah kyeekisinga obulungi, ekyo kya mu bubonero bwa Allah oba olyawo ne bajjukira), mu musomo gwaffe guno tugenda kutegeera agamu ku mateeka agakwaata ku nyambala y'Omusiraamu.

Ensibuko (ku nnamula) y'ebiyambalo:

Ensibuko ku byambalo, nti bikkiriziribwa, tewali kigaanibwa kwambalwa okujjako ekyo ekyaaiziyizibwa mu QUR'AN oba hadith za nabbi Muhammad okusaasira ebyengera n'emirembe bibeere ku yye.

Ensibuko (ku nnamula)
y'enkolagana z'abantu nga
bbo, nga omwo mweemuli
n'enyambala eri nti byonna
bikkirizibwa okujjako
ekyaaziyizibwa, era ebyambalo
byonna byetugenda
okwoogerako nti tebikkirizibwa
biriko obujulizi obubigaaana
okuva mu QUR'AN oba hadith
za nabbi.

Kubaganya ebirowoozo

Biki ebyetaagisa okufaako ku nsonga y'enyambala?



.....

.....

.....

.....

Ebyambalo ebyaaziyizibwa:

Allah yaziyiza emiteeko gy'ebyambalo egy'enjawulo, era nga mujjo:

- Ebyambalo ebiraga obwereere bw'omuntu nga tebibubikka.
- Ebyambalo ebirimu okwefaananyiriza ekikula ekirala, ng'omusajja okwambala engoye z'abakyaala, oba omukyaala okwambala engoye z'abasajja.
- Ebyambalo ebireetera omuntu okweekuluntaza oba okweeraga.
- Ebyambalo ebirimu okudiibuuda.
- Kyaaaziyizibwa ku basajja okwambala liiri (silk), n'okwewundisa zzaabu.
- Kizira okwambala ebyambalo ebyefaananyiriza ebyambalo ebyeeyawulidde abatali basiraamu. Ng'ebyambalo bya ba faaza n'abasumba.

Obwereere bw'omusajja buva ku kkundi okutuuka ku maviivi, ate omukyaala omubiri gwe gwonna abatali ba luganda lwe, naye ku baganda be nga taata, omwaana we ne mwananyina, abo akkirizibwa okubalaga byaalaga bakyaala banne ng'ekyenyi, enviiri, obulago, emikono, n'entumbwe.

Mwoogereemu gwe ne banno mutegeere ezimu ku nsonga ezireetera okuziyiza ebyambalo ebimu.

Nabbi Muhammadi okusaasira ebyengera n'emirembe bibeere ku yye yagaana abasajja okwefaananyiriza abakyaala era n'abakyaala okwefaananyiriza abasajja, era okuziyiza kuno kubuna, enyambala, enjogera, era okwefaananyiriza kuno kubalibwa mu mazambi amanene agaleetera ebibonerezo bya Allah singa omuntu aba teyeenenyeza ku ggo, obusiraamu bwaagala obubumbwa bw'omusajja n'endabikaye bibeere byaawufu ku by'omukyaala, na bweekityo ku bakyaala; era ekyo kyeekimu ku bujulizi obutulaga omuntu ali ku bubumbwa bwe obwaddala, n'entegeera entuufu.



Okweegezesaamu

Londamu ebyambalo ebyaaziyizibwa ku musajja byokka, era n'ebyo ebigatta abaami n'abakyaala mu kuziyizibwa:

Ebyo ebiraga obwereere nga tebibubikka


Ebirimu okwefaananyiriza ekikula ekirara

Ebyo ebirimu okudiibuuda

Ebyo ebireetera okweekuluntaza n'okweeraga

Okwambala liiri (silk) ne zzaabu

Ebyambalo ebyefaananyiriza ebyo ebyeeyawulidde abatali basiraamu



Kubaganya ebirowoozo



Abaffe kisoboka okuba nga emyooleso gy'ebyambalo, oba enneyisa n'ennono z'abantu oba amateeka agabafuga bw'ebuddiro bwookumanya ebyambalo ebisaanidde eri abasajja oba abakyaala?



1

Fumiitiriza ku byambalo ebyaaziyizibwa, oluvanyuma olwoooze ku nsonga lwaaki byaaziyizibwa.

.....

.....

.....

.....

.....

.....

.....

2

Londako eky'okwaanukula ekituufu,

■ Okwambala zzaabu kwaaganibwa ku:

- ☐ A- Basajja
- ☐ B- Bakyaala
- ☐ C- Baana abato

■ Kyaaziyizibwa ku baami:

- ☐ A- Okwambala olugoye olw'ebyooya
- ☐ B- Okwambala liiri (silk)
- ☐ C- Byonna ebikulembede



Omusomo ogw'okubiri

Eby'okulya n'ebyookunywa

Okwanjula

Omusiraamu atwaala eby'okulya n'ebyookunywa ng'ekyengera okuva eri Allah ekirina okweebazibwa, era mu bimu ebiraga okweebaza okwo kwekutya Allah ng'obikozesa okkuyambako okutuukiriza okumusinja, era mu musomo gwaffe guno tugenda kutegeera agamu ku mateeka nempisa ezikwaatagana n'ebyookulya n'ebyookunywa, ng'era bwetugenda okumanya eby'okulya ebyaaziizibwa Omusiraamu byaatekiddwa okweewala.

Ensibuko ku Nnamula y'ebyookulya n'ebyookunywa:

Ensibuko mu nnamula yaabyo kweekuba nti bikkirizibwa, byonna okujjako ekyo ekiriko obujulizi obukigaana okuva mu QUR'AN oba hadith za nabbi Muhammad okusaasira ebyengera n'emirembe bibeere ku yye, Allah yagamba: (mu surat baqara aya 168) evvuunulwa bweeti "abange mwe abantu mulye mw'ebyo ebiri mu nsi ebitukuvu ebirungi"

Eby'okulya n'ebyookunywa ebyaaziizibwa:

Allah ow'ekitiibwa yaziizibwa emiteeko egy'enjawulo mu byookulya n'ebyookunywa, mu byo:

- Omwenge, kuba gwo gujjawo okutegeera kw'omuntu, ng'ate okukuuma obwongo bw'omuntu (ng'ategeera bulungi) by'ebimu ku bigendererwa by'amateeka gw'obusiraamu byebwajja nabyo.
- Ebitamiiza byonna, kuba byo bisanyaawo omubiri gw'omuntu, wamu n'obwongo (omuntu asobola okufuuka omulalu).
- Ekisolo ekiba kifudde kyokka nga tekisaliddwa, oba ekyo ekisaliddwa naye nga teryoogeddwa erinya lya Allah nga kisalibwa.
- Enyama y'embizzi, mazima ddala nyama nkyaafu tekkirizibwa kuliibwa.
- Enyama y'ebisolo ebiyigga byonna, nga empologoma, engo, n'ebinyonyi ebiyigga nga kamunye, n'empungu.
- Ekiba kisaliddwa nga saddaaka eri amasanamu oba ba lubaale.

Ebigendererwa by'amateeka g'obusiraamu: lino limu ku ssomo mu masomo agasomesebwa mu busiraamu, tutegeera nga tuyita mu lya ebigendererwa Allah byeyayagala mu mateeka ge, wamu n'ebirungi ebikusike ebiri munda mumateeka ago ng'okutegeera: lwaaki Allah yateekawo amateeka gano? Nsonga ki eyaviirako okuteekawo etteeka lino?

Bwebuliwa obukwakkulizo obuli mu kusala ebisolo mu busiraamu?

Okusala ebisolo mu busiraamu okukkirizibwa kulina okubaamu obulombolombo buno wammanga:

- 1 Okuba nga agenda okusala musiraamu oba omuyahuudi oba omunaswaara omutuufu, ayawula era nga amanyi amateeka g'okusala.
- 2 Okuba nga ekikozesebwa okusala kyeekyo ekisaanidde, nga kisobola okusala nekifulumya omusaayi n'obwoogi bwaakyo, ng'akambe, era tekikkirizibwa kukozesa ekyo ekitta ekisolo olw'obuzito bwaakyo nga ejjinja eddene nerikubibwa ku mutwe gw'ensolo (nga terisaze na bwoogi bwaalyo wabula obuzito), kyeekimu n'okugikubisa amasanyalaze n'efa.
- 3 Okwoogera erinya Iya Allah ng'agenda okusala nti: (Bismillah), ekitegeeza nti (ku linya Iya Allah).
- 4 Okusala n'akutula ebyo ebirina okusalibwa mu bulago bw'ekisolo nga: amalookooli, n'emisuwa ebiri eminene egibeera ku bulago, oba okusala ebisatu ku bino ebina.

Kiramulwa kitya okulya ebisolo ebibeera mu nyanja?

Ebisolo ebiwangaalira mu mazzi mwokka bikkirizibwa okuliibwa ne bwebiba bifudde byokka nga ebyenyanja, tewali njawulo oba bibeera mu ssemayanja, mu mugga, oba mu nyanja (kino tekiri ku bisolo ebisobola okubeera ku lukalu ne mu nyanja ng'envubu, gonya, emisota n'ebirala)



Kikkirizibwa okuyigga n'okulya bisolo eby'omunsiko ebitali biyizzi, naye waliwo akakwakkulizo nti omuyizzi alina okwoogera erinya Iya Allah ng'agenda okuyigga ekisolo, era singa akisanga nga kikyaaalimu obulamu alina okukisala (ensala eyogeddwaako waggulu)

Amateeka agafuga ebisaliddwa ebibeera mu biriiro bye mmere (restaurant) n'amaduuka agatunda ebyookulya

- 1 Ebisaliddwa abatali basiraamu ate nga si bayahuudi wadde abanaswaara abaddala; ng'abo abasinza buda, n'ebakatonda b'ebuyindi, n'abo abatalina nzikiriza (abagamba nti katonda taliyo) abo byebasaze tebikikirizibwa kulya, era muno tutwaaliramu n'ebyo ebisangibwa mu biriiro by'emmere ebiri muni ezisingamu abantu ab'enzikiriza ezo (okujjako nga tukakasizza nti asaze akkirizibwa)
- 2 Ebyo Omusiraamu byaasaze mu ngeri entuufu byo bikkirizibwa okuva mu QUR'AN.
- 3 Omusiraamu oba bannanyini kitabo byebaba basse mu ngeri etali ntuufu era etakkirizibwa nga okukubya amasanyalaze, oba okukinyika mumazzi ne kifa ebyo nabyo biba tebikikirizibwa kuliibwa.
- 4 Ensibuko mu nnamula nti tekikirizibwa okulya ebisaliddwa bannanyini kitabo, n'enyama gyetusanze mu biriiro byaabwe n'amaduuka gaabwe agatunda ebyookulya, wadde nga Omusiraamu alina okufuba okulaba nga ayogera bismillah nga tannaba kubirya (kino kiyambako naddala singa kiba tekyaasaliddwa mu butuufu), wadde nga ekisinga obulungi eri Omusiraamu bw'eebutalya okujjako ekyo kyaakasizza nti nyama nnungi era ekkirizibwa okuliibwa.

Kubaganya ebirowoozo



Mweerage gwe n'ebanno emikutu ku mutimbagano egitunda eby'okulya ebikikirizibwa (halal) mu nsi yammwe.



Amateeka agafuga enyama etundibwa mu maduuka n'ebiriiro byemmere gawukana okusinziiri ku nzikiriza yooyo eyasaze ekisolo.



Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Fumiitiriza ku by'okulya n'okunywa ebyagaanibwa, oluvanyuma olwooze ku nsonga lwaaki byaaziizibwa.

2

Omuyahuudi oba omukulisitu bw'asala ekisolo kikkirizibwa okuliibwa nebwaaba tayogereddeeko linya lya Allah

☐ Kituufu ☐ Kifu

Tekikkirizibwa kulya kisolo kifudde na kukubwa masanyalaze

☐ Kituufu ☐ Kifu



Omusomo
ogw'okusatu

Enkolagana z'abantu mu by'enfuna

Okwanjula

Mu bimu kubiraga obunene bw'eddiini y'obusiraamu kweekuba ng'ebuna obulamu bw'omuntu bwonna, nga mwekyo mw'emuli okuba nti yafaayo okuteekawo amateeka agafuga abantu mu nkolagana zaabwe wakati waabwe, era nekuuma n'obuvunanyizibwa bwa buli omu eri munne, era n'egaana abantu okweryazaamanya, era mu bimu ku bikakasaawo kino; kweekuteekawo amateeka agafuga enkolagana zaabwe mu by'enfuna, era mu musomo gwaffe guno tugenda kutegeera agamu ku mateeka agafuga eby'enfuna, n'ensonga ezaaleetera okugaana ebimu ku bikolebwa mu by'enfuna.

Enkolagana z'abantu mu by'enfuna kyekki?

Enkolagana mu by'enfuna: zeezo enkolagana z'abantu ezibeeramu okuwanyisiganya ensimbi, kisobola okuba nga kuwaayo nsimbi okufuna ekintu ekirala nga mukutunda n'okugula, oba nga oyagala kufunamu mugaso nga okupangisa enju oba ekirala, oba nga tolina kikuddizibwa nga okugaba ebirabo.

Ensibuko mu nnamula y'enkolagana z'abantu mu by'enfuna:

Ensibuko mu nnamula eyo kweekuba nti zikkirizibwa zonna, tewali kigaanibwa mu zzo okujjako ezo ezaagaanibwa mu Qur'an ne hadith (ensomesa) za Nabbi Muhammad.

Ensibuko mu nnamula ezikwaata ku nkolagana z'abantu wakati waabwe nga muzzo mweemuli eby'enfuna kweekuba nti bikkirizibwa byonna okujjako ekiriko obujulizi obukigaana, okwaawukanako ne nnamula mu by'ensinza, anti omuntu takkirizibwa kukola kikulwa kya kusinza Allah okujjako nga kirina obujulizi obukikiriza. (mu kusinza tunonya bujulizi bukkiriza ate mu nkolagana zaffe tunonya bugaana)


Enkolagana mu by'efuna ezagaanibwa:

Yagaana Allah enkolagana ez'enjawulo mu by'efuna, nga mu zzo:

- Okutwaala sente z'abantu mumbeera etali ntuufu, ng'okuzitwaala mu bukujjukujju oba okuzinyaga.
- Okukaka omuntu okukola ekyo kyaatayagala
- Okusuubula ebintu ebikosa obulamu bw'omuntu, ng'omwenge n'ebitamiiza byonna ebirala.
- Okulya enfissi (riba), era nga okwo kwe kuwola omuntu n'akakwakkulizo k'okusasula ng'ayongeddemu omutemwa ogw'enjawulo kwezo zewamuwola okugeza %5.
- Okutunda ekintu ekitamanyidwa kyekki, ng'okutunda essanduke jetutamanyi biki bigiri munda.
- Okuzanya zaala, n'okusiba sente oba ekirala ekibeeramu omuwanguzi okutwaala sente z'oyo gwawangudde ekitali kya bwenkanya.

Ensonga ezigaanisa enkolagana mu by'efuna:

Ensonga enkulu ezigaanisa enkolagana yonna mu by'efuna mulimu:



Kubaganya ebirowoozo



Mu nkolagana z'ebyenfuna enyingi Omusiraamu zaakwasaganya mu bulamu bwe, asobola atya okumanya ezakkirizibwa n'ezaaganibwa mu zzo?



Okweegezesaamu

Teeka buli kigambo wekisaanira okusinziira ku byekikwaatagana nabyo:

Okutunda omwenge

Enguzi

Okugula ebyambalo ng'oyita ku mutimbagano

Okusuubula ebintu ebikosa abantu.

Okuwola omuntu omuwendo gwa sente ng'alina okkuddiza amagoba ga 10%

Okutunda amazzi ag'okunywa

Okuvuganya nga basiba sente ng'omuwanguzi yazitwaala

Enkolagana mu by'enfuna ekkirizibwa:

Enkolagana mu by'enfuna eyaziyizibwa:



Okulya enfissi (riba) y'emu ku nkolagana mu by'enfuna obusiraamu zebwassaako essira mu kuzigaana olw'obubi obugirimu, era ebalibwa mu mazambi amanene ago Allah geyasuubiza agakoze ebibonerezo ebya manyi.



Ebibuuzo eby'okwepimamu

1

Fumiitiriza ku nkolagana mu by'enfuna ezagaanibwa era oluvanyuma olowoozeemu lwaaki zaaganibwa.

2

Okuzanya zzaala kukkirizibwa singa abagenda okumuzanya bakkiriziganya.

☐ Kituufu ☐ Kifu

Omusiraamu akkirizibwa okwewola sente eziriko okuzzaayo amagoba singa aba mu bwetaavu bwaazo.

☐ Kituufu ☐ Kifu



Omusomo ogw'okuna

Empisa

Okwanjula

Obusiraamu bwakubiriza abagoberezi babwo okuba n'empisa ennungi, era nabbi Muhammadi okusaasira ebyengera n'emirembe bibeere ku yye yatulungamya ku bukulu bw'empisa mu nsomesa ze nyingi, era n'alaga nti ebikolebwa mu kusinza bingi bitambula na mpisa nnungi, era Omusiraamu alina empisa ennungi yasubizibwa empeera ey'amanyi ku nsi ne ku nkomerero, era mu musomo gwaffe guno tugenda kuyiga obukulu bw'empisa ennungi mu busiraamu, n'okulaga ebimu ku birungi ebiva mu mpisa ennungi.

Empisa mu busiraamu:

- Empisa ennungi zirina ekifo kya nkizo nyo mu busiraamu, era zzo kigenderewa kikulu nyo mu bigendererwa by'eddini busiraamu, era zimu ku nsonga lwaaki nabbi Muhammad okusaasira ebyengera n'emirembe bibeere ku yye yatumbwa.
- Empisa zirina akakwaate kanyweevu nyo n'obukkiriza, era omukkiriza asinga obukkiriza yoyo asinga empisa ennungi.
- Omusiraamu afuna empeera ku kweeyisa obulungi nga bwaazifuna ku kusiiba n'okusaala.

Kubaganya ebirowoozo



Omusiraamu asaanidde kweeyisa atya ng'ali ne banne? Era empisa zino zirina kyezikosa mu kulamula kwaabwe ku busiraamu (nti bulungi oba bubi)?

.....

.....

.....

Obulungi obuva mu kweyisa obulungi:

- Nabbi Muhammadi okusaasira ebyengeri n'emirembe bibeere ku yye yatubuulira nti ekigenda okusinga okuyingiza abantu ejjana: kutya Allah na mpisa nnungi.
- Era natubuulira nti ekigenda okusinga okuzitoya minzaani y'omuntu ku lunaku lw'enkomerero mu birungi: z'empisa ennungi.
- Era natubuulira nti agenda okusinga okuba okumpi naye ku lunaku lwenkomerero mu bakkiriza: yooyo abasinga empisa.

Okubalibwa kw'omuntu: kuno kugenda kubeerawo ku lunaku lw'enkomerero nga ebirungi n'ebibi by'omuntu bimaze okubalibwa ku minzaani eyenjwulo teri amanyi bweyenkana wadde bwefaanana okujjako Allah, omuntu ebirungi bye webinasinga ku bibi bye ajja kuyingira ejjana, n'oyo owe bibi ebisinzze ebirungi ajja kuyingira omuliro.



Okweegezesamu

Teeka buli kigambo mu bino wammanga wekisaanira okusinzira ku nkwaatagana yabyo:

Obwewombeefu

Okumwenya eri musiraamu munno

Okujja ekintu ekibi mu kkubo

Amazima

Essuubi

Okuyamba abalala

Okuyambagana mu kukola ebirungi

Ezimu ku mpisa ennungi:

Ebimu ku bikolwa by'ommutima eby'okusinza:

Empisa zikolebwa ddi era wwa mu busiraamu:

Empisa mu busiraamu zirina embeera nyingi mwezikolerwa nga:

- Enneeyisa y'Omusiraamu ne Allah we, ng'okutya Allah, n'okumwaawula mu kusinza.
- Enneeyisa y'omusiramu ne Nabbi we okusaalira ebyengera n'emirembe bibeere ku yye; ng'okumwaagala, okumuwa ekitiibwa, okuba n'empisa ng'amwoogerako, n'okumusaalira ng'ayogeddwaako.
- Enneeyisa y'Omusiraamu n'amateeka g'eddiini, ng'okugagondera, n'okugawa ekitiibwa.
- Enneeyisa y'Omusiraamu n'omwooyo gwe; ng'okugusaasira ng'ogukozesa eby'okusinza (omuntu obuteekaluubiriza nyo kuba olumu kireetera okukyaawa eddiini), ate era nokukasa ng'ogugaana obugayaavu mu ddiini.
- Enneeyisa eri abalala; ng'okuba owa mazima, omwesigwa.
- Enneeyisa y'Omusiraamu eri ebisolo; ng'okubirabirira obulungi, obutabikuba n'obutabibonyabonya.
- Enneeyisa y'omusiramu eri obutonde bwensi; ng'okubukuuma obutabwonoona, okusimba emiti, n'obutadiibuuda birungi biri mu nsi.

Okusoma ebisingawo



Okusobola okutegeera ebisingawo ku mpisa z'obusiraamu n'obulungi bwaazo, n'emigaso gyaazo eri abantu soma ekitabo "obusiraamu nzikiriza ya mirembe" era nga kisangibwa mu matundiro g'ebitabo era nga kiri mu nnimi ez'enjawulo.



Kozesa bar code eno okufuna ekitabo ekyo



Empisa mu busiraamu tezikoma mu nkolagana zaffe n'abantu bokka, wabula zitwaaliramu n'enkolagana y'abantu n'ebisolo wamu n'obutonde.



1

Ng'olaba akatambi kano "The beauties of islam" ekitegeeza "ebirungi by'obusiraamu", tunyonyole engeri obusiraamu jebugunjulamu omuntu mumbeera ey'omwooyo ate era wamu nenneeyisa ey'okungulu.



Kozesa bar code eno okulaba akatambi ako (vidiyo)

2

Yogerayo hadith (ensomesa za nabbi) emu eraga obukulu bw'empisa ennungi.

3

Empisa z'obusiraamu zikoma ku nkolagana wakati wa bantu bokka.



Kituufu



Kifu

Okwepimamu

	Ekgendererwa ky'ebyenjigiriza	Omutendera gw'okwepimamu			
		Nedda	Munafu	Mulungi	Mulungi nyo
1	Osobola okunyonyola ensibuko mu nnamula y'ebyambalo?				
2	Wategedde ebyambalo ebyaziizibwa?				
3	Wategedde ensibuko mu nnamula ezifuga eby'okulya n'ebyokunywa?				
4	Wategedde eby'okulya ebyaziizibwa mu busiraamu?				
5	Wategedde eby'okunywa ebyaziizibwa mu busiraamu?				
6	Wategedde ensibuko mu nnamula ku nkolagana z'abantu mu by'enfuna?				
7	Wategedde enkolagana z'abantu mu by'enfuna ezaziizibwa?				
8	Owulira obwangu bw'eddiini y'obusiraamu n'obutakaluubiriza bwaayo?				

Okufundikira

Mu kufundikira, tulaamira Omusiraamu omupya ebintu bino wammanga:

- Okufaayo okuyiga byeyetaaga mu ddiini ye, era nga ayina okwegendereza wa jaabiyigira, nga abawalimu abatuufu, ebitabo byeddiini ebituufu, oba obutambi bwa vidiyo n'amaloboozi obutuufu
- Okukolera ku byaayize, kikakata ku musiraamu okukolera ku byaaba ayize ebyo eby'omugaso.
- Obutabuuka madaala mu kusoma kwe n'okukola obusiraamu, kubanga: okufuna okumanya, okweeyisa obulungi, n'okusinza, omuntu tasobola kubifuna mulundi gumu, wabula afuna kimu ku kimu.
- Okweewala buli kimu ekikosa obukkiriza bwe, kibe ebibuzaabuza mu ddiini oba eby'obwaagazi by'omwooyo.
- Okugenda mumaaso ng'asaba Allah obulungamu okudda eri amazima, n'okwawula ekituufu ku kikyamu.
- Amateeka g'obusiraamu agatunuulira obusobozi, Omusiraamu asaana n'akola byaalinako obusobozi nga teyeekaluubirizza kukola ebyo by'atasobola
- Okufuba okulaba ng'afuna emikwaano emirongoofu egyo egyijja okumuyambako mu kwongera ku bukkiriza bwe n'obulongoofu bwe, era yeewale okubeera n'abo abatali balongoofu.

Ekibuuzo ekisembayo

Erinya

Obubonero
obusembayo:

/40

A. Londako eky'okwaanukula ekituufu mu bino wammanga:

Obubonero
15

1

Allah yakola omuntu ng'alina byafaananya:

☐ Malayika

☐ Amajinni

☐ Ebisolo

☐ Byonna ebiyise

2

Omuntu yakolebwa kuva mu:

☐ Mazzi

☐ Ttaka

☐ Muliro

☐ Mayinja

3

Obusiraamu bukakasa nti abantu bonna bava mu lulyo lwa kitaabwe:

☐ Ibrahim

☐ Isa

☐ Adam

☐ Muhammad

4

Omuntu bwafa agenda ku mutendera gwa:

☐ Okukola
n'okugezezebwa

☐ Okubalibwa
n'okusasulwa

☐ Okuvaawo
n'okuggweerera

☐ Byonna
ebikulembede

5

Allah takkiriza ddiini yonna oluvanyuma lw'okutumibwa kwa nabbi Muhammad okujjako eddiini emu:

☐ Obuyahuudi

☐ Obukulisitaayo

☐ Obusiraamu

☐ Enzikiriza
z'abayindi

6

Empaji z'obusiraamu ziri:

☐ 3

☐ 4

☐ 5

☐ 6

7

Allah yatubuulira mu Qur'an nti asonyiwa amazambi gonna bwaba ayagadde okujjako:



Okutta



Obubbi



Okusamira
(shiriki)



Obulimba

8

Buli nyukuta Omusiraamu gyaasoma mu Qur'an afuna:



Ekirungi
kimu



Ebirungi
bibiri



Ebirungi
musanvu



Ebirungi
kkumi

9

Mu gamu ku manya ga Qur'an:



Dhikiri



Al-furqan



Al-kitaabu



Byonna
ebyoogeddwa

10

Amakulu g'ekigambo (kufuwan) mu aya egamba: (lam yakun lahu kufuwan ahad):



Omujuvu



Asinzibwa



Ekifaanana



Omu

11

Amakulu g'ekigambo (falaq) mu aya ya Allah: (qul a-udhu birabbil-falaq):



Enzikiza
y'ekiro



Okuvaayo
kw'omweezi



Obudde
okukya



Enjuba okusaala nedda
ku ludda jeegwa

12

Amakulu g'ekigambo (a-udhu) mu aya ya Allah: (qul a-udhu birabbi nnaas):



Nneekingiriza



Nsinza



Ntendereza



Nneewaayo

13

Amakulu g'ekigambo (al-waswasil-khannaas) mu aya ya Allah (min sharri alwaswasil-khannaas):



Omulogo



Ow'ensaalwa



Sitaani



Omujeemu
(atali musiraamu)

14

Amakulu g'ekigambo (shaani-aka) mu aya ya Allah: (inna shaani-aks huwal-abtar):



Oyo
akunyiiza



Oyo
akwaagala



Oyo
akukkirizaamu



Oyo
akwesamba

15

Mu zimu ku nsinza ezikolebwa omubiri:



Okwaagala



Essuubi



Esswala



Byonna
ebyoogeddwa

B. Sengeka ebigambo bino wammanga okusinziira ku kibinja mwe bigwa:

**Obubonero
8**

Okwetoolola Kaaba

Okusaala

Okulya

Okutunula mu kibula

Okufuuyisa

Okubikka obwereere

Okunywa

Okweebaka

Ebireetere okufuna wudhu okukata:

Obukwakkulizo obutuusisa esswala:

Eby'onoona wudhu:

Eby'onoona okusiiba:

C. Sengeka emirimu gino wammanga egikolebwa mu kufuna wudhu ng'otandika n'ogusooka.

Obubonero 6

Okuyisa amazzi mmutwe

Okunaaba emikono okutuuka ku bukokola

Okunaaba ekyenyi

Okunaaba ebigere

Okunaaba amatu

Okuyimunguza mu kamwa n'okufeesafeesa mu nyindo

1

2

3

4

5

6

D. Sengeke ebikolebwa mu swala ng'otandikira kukisooka

Obubonero 6

Okusoma Al-Fatiha

Okukutama

Takbiira eggulawo esswala

Okutoola salaam

Okusoma Attahiyyaatu

Okuvunnama

1

2

3

4

5

6

E. Teeka akabonero ka (kituufu) mmaaso g'embooji entuufu, ne kumbooji enkyaamu oteekeko akabonero akalaga (kikyaamu):

Obubonero 5

1. Omusiraamu akola hijja mu mweezi gwa ramadhan ogw'omukisa.

☐

2. Omusajja Omusiraamu takkirizibwa kwambala zzaabu.

☐

3. Abasiraamu bakkirizibwa okulya enyama y'embizi.

☐

4. Ensibuko mu nnamula y'enkolagana z'abantu mu byenfuna kweekuba nti zikkirizibwa.

☐

5. Omukkiriza agenda okusinga okubeera okumpi ne nabbi Muhammad okusaasira ebyengera n'emirembe bibeere ku yye, ku lunaku lw'enkomerero yooyo asinga empisa.

☐

Sirabaasi eno elimu bino:

1. Okunnyonyola mu bufunze eddiini y'Obusiraamu, n'emilamwa gyayo emikulu.
2. Okutunulila okubuna ku (Qur'an Entukuvu), n'okutaputa amakulu g'ezimu mu suura ennyimpi eza Qur'an.
3. Okunnyonyola mu bufunze mu mateeka g'ebikolwa eby'okusinza eby'eteeka.
4. Okunnyonyola mu bufunze mu mateeka g'ebyesimbi, ne nkolagana, n'empisa mu Busiraamu.

Yuniti zaayo zigabanyizibbwamu okusenziira ku nteekateeka y'ebyenjigiriza nga emisomo gya buli yuniti gigabanyizibbwa mu bbanga lya nnaku mukaaga, Wamu n'okusalawo ebbanga buli ssomo lye linaamala. Sirabaasi eno era yakolebwa mu ngeri y'ebyenjigiriza nga mulimu ebibuuzo ebiyamba Omusilaamu omupya okukwata mu mutwe n'okutegeera obubaka obwo, nga kwotadde n'ebibuuzo eby'okweepimamu ku nkomerero ya buli kitundu ky'ebyenjigiriza omuyizi asobole okupima omutendera gwe ogw' okutegeera omusomo.



osoulcenter



www.osoulcontent.org.sa

Okufuna ekitabo [kino],
n'ebitabo ebirala mu nnimi ez'enjawulo



OSOUL
STORE

osoulstore.com

